# *So Tokimanyi*

Weebale, Ow'oluganda Neville. Mukama akuwe omukisa. Nnina kye nnyingiddemu, si bwe kiri? Njagala okwebaliza ddala, Mukama, olw'okutaasa mutabani w'Ow'oluganda Capps. Kyabaddewo bubeezi nti kano ke kaseera akatono ke nnakomyewokko mu Indiana. Nkimanyi bino tebabikwata ku lutambi; nsuubira tebabikwata. Kubanga ssirabayo muntu yenna munda wali, kale ba. . .Nnakomawo kugenda kuyigga bukaamuje. Kale n'olwekyo ndowooza Charlie ateekwa okunneegattako, ye ne Nellie, n'abalala abali emmanga mu Kentucky, tufuneyo olunaku nga lumu oba bbiri, okuyigga bukaamuje. Kale, waakiri nsubwa ekintu ekirala kyonna, okwewummuzaamu okw'engeri endala yonna, ne nzija wano mu makkati ga Agusito awo, ne ŋŋenda okuyigga bukaamuje ne Charlie ne Banks, n'abalala bonna. Kalinga kalombolombo gyendi. Kale nnagenda ne Joe. . .

2 Ku mulundi guli bwe twali wano, buli omu yalwala, olw'okukyusa okuva mu mbeera y'obudde eri ey'ebbugumu eringi emmanga eri okudda mu eno—mu mbeera y'obudde eno empeweevu gye mulina wano. Nkimanyi mulowooza si mpeweevu, naye lumu mujje mujjeko mu Arizona. Luli ku makya we nnaviirayo ebbugumu lyali mu kikumi mu mwenda mu kisasi; ate awo nga mu ttumbi, mu kiro, empewo empeweevu w'ekkira wansi okuva waggulu ku nsozi, lyali likyali mu kyenda mu mukaaga. Uh-huh. Mukiraba, lyali bwe lityo mu ttumbi, empewo empeweevu we yakkira wansi. Kale ki. . .Ekifo ekyo kirungi mu biseera by'obunnyogovu, naye mu biseera by'omusana kibeera kya njaba na minya, so si bantu. Ka zibeere ensolo zonna zidduka ne zambuka waggulu mu nsozi. Nazo tezisobola kugumiikiriza bbugumu eryo.

3 Era nnali wabweru nga ngezaako kutereeza mmundu yange kukuba ssabbaawa. Si. . .Njagala kugezaako kubabuulira ku byatuuka ku mutabani wa Capps. Kale nnagamba. . .Kati, Joe, mbeera nnina okumuwa emmundu, kubanga ansinga okukuba ssabbaawa. Twali tumaze okugitereeza okukuba ssabbaawa, era nna—nnali nkuba bu ppini ssabbaawa mu yaadi amakumi ataano. Kye nna—nnava ŋŋamba—Joe. . .Joe yaŋŋamba nti, "Taata, ekyo nzikiriza nsobola okukikola." Bambi musajja wattu omutwe gwali gumuluma. Nnali mmusabidde, yalina omusujja ogw'amaanyi. Yagenda nange okukuba ssabbaawa, naye ne. . .

4 Essasi lyonna erya bbiri-ku-kkumi bw'olirasiza mu mmundu eya .22, lisukka omusittale gwa yaadi amakumi abiri mu ttaano; ne lituuka ku gwa ataano, nga likyali wamu, bwe liba lya bbiri-ku-kkumi. Kale kati. . .Kati nnali ndikubye mu yaadi abiri mu ttaano. Kale nnali nsigazza bu ppini obulala

bubiri obw'okukuba ssabaawa era nnali mbutaddeyo, naye bu ppini obwo Joe n'abukuba ssabbaawa! Ssaalina bu ppini bulala bwa kukuba ssabbaawa, kye nnava nfunayo akabajjo k'akasaniya ke bakozesa okukuba ssabbaawa, ako abakuba ssabbaawa ke bakozesa okukuba ssabbaawa, ne nkateekawo nga obugazi kenkana nga kimu kya kuna ekya yinci, ne nkateeka mu yaadi ataano, nako n'akakuba ssabbaawa n'akabejjulamu wakati obutundu bubiri. Ate nga ekitangaaza mw'olabira kyali kipimiddwa kusinziira ku maaso gange, nga mmusingako emyaka mitono. Kye yava aŋŋamba nti, "Naye omanyi? Kati nnina okugenda ŋŋambe Billy nti okuva leero sikyali wa sayizi ye." Mukiraba?

5 Kale, kye nnava mmugamba nti, "Kaakati, leka nkubuulire kye tuba tukola," ne mmugamba nti, "ekyo leka tugende emmanga tukirage Ow'oluganda Norman."

6 Ne mmugamba nti, "Joe, mu mpaka za ssabbaawa okwetooloola ensi yonna, ssifaayo k'abeere ani, tewali. . . " Kati, bu ppini teyabukuba ku mabbali, yabukuba ssabbaawa n'abuteebera ddala butereevu ku mitwe. N'akabajjo ako, akaali kataweza yadde, ndowooza, kaali kimu kya kuna ekya yinci obugazi, ne kkumi na mukaaga obugulumivu, ne kimu kya kuna ekya yinci obuwanvu, yakabejjulamu wakati, nga asinziira mu yaadi ataano. Ne mmugamba nti, "Tewali muntu yenna mu nsi yandiyinzizza kukuba ssabbaawa esingako awo. Basobola, bannantameggwa, bandikoze ekintu kye kimu, naye ggwe tewandisobodde kukuba ssabbaawa ziwera ssatu kubasinga." Bu ppini, tebwewetaamu, wabula waaliwo kituli butuli mu lupapula ka ppini we kaayita. Ne mmugamba nti, "Tewali n'omu yandiyinzizza kukuba ssa—ssabbaawa esingako awo." Kale. Ndowooza omutwe ogwali gumuluma awo we gwakoma.

7 Kati ne mmugamba nti, "Kale, kino leka tugende tukirage Ow'oluganda Norman," nga akolera kkampuni ya *Field And Stream,* Ow'oluganda Tony Stromei gy'ayagala ennyo okukubira ssabbaawa.

8 N'aŋŋamba nti, "Leka tusooke tugende ewa Billy." N'agamba nti, "Nja—njagala mbeeko ne kye ŋŋamba Bubby." Mukiraba? Era, eky'amazima, muganda we takubangako ssabbaawa nnungi bw'etyo. Bw'atyo n'aŋŋamba nti, "Eyo gye tuba tusookera."

9 Naye mba nnyingira nti mu mulyango, Billy yali akyali mu ngoye ze ezisulwamu. N'agamba nti. . .Twagendayo nga bukyali, kubanga ebbugumu liyitirira obungi. Kye yava agamba nti. . .Era essimu yavuga. Ne ŋŋamba. . .N'aba nga antunuulira. Ne ŋŋamba nti, "Ob'olyawo waliwo omulwadde eyeetaaga okusabirwa." Era essimu yali ekubiddwa Waaluganda Capps ku lwa mutabani we, nga ali mu kasenge mwe balongoosereza, nga alina obulwadde bw'akabubi akabikka ku byenda nga

alindiridde kulongoosebwa. Naye mu kaseera kano yaakava okuŋŋamba nti mutabani we agenda awonera ddala, bulungi nnyo.

10 Kaakati, ekyo mulaba engeri Katonda gye yakikolamu, n'okuyita mu ddoboozi ly'omuvubuka oyo omuto, Joe? Mu kifo ky'okugenda emmanga ew'Ow'oluganda Norman, tetwandimusanzeeyo, twandivuddeyo ne tujja eno. Era nze n'Ow'oluganda Capps twakwatagana wamu. Sigamba nti essaala zaffe ze zaakikola, naye kirina kye kyamukolera ffe okumuwuliza mu mbeera bw'etyo. Era, eky'amazima, ekyo kye. . .Bw'obeera ne—olina okuba n'okukkiriza mu ekyo ky'okola. Mukiraba? Era, kati, n'okukkiriza kwe kwe yalina okukuba essimu, era Billy yali . . .

11 Baali basasula ssente. Yagamba nti, "Luno luteekwa okuba nga lugendo luwanvu ddala," n'agamba nti, "yali ateekamu ddoola kyenkana ttaano ez'ebinusu, mu y'essatu. . .okukuba essimu ey'eddakiika essatu." Era nnalowooza nti yandiba nga evudde mu New York oba mu kimu ku bitundu ebiri eyo ku bizinga oba awantu bwe watyo. Naye yali akubye essimu ya kwogera na muntu yennyini gw'ayagala, nga ayagala afune Billy mu kifo ky'okufuna Loyce, mukiraba, era ekyo kye kyamuleetera okusaasaanya ssente ezo zonna.

12 Era kati mutabani we agenda assuuka. Ow'oluganda Capps yagamba nti omusawo yamuwa essuubi ttono nnyo ery'okuvaayo nga mulamu, mukiraba, okuva mu kulongoosebwa. Naye tusiima nnyo Katonda enkya ya leero olwa kino, tuli basanyufu nnyo olw'ekyo.

13 Kati, twatuuse, bunaatera okukya, era nneebaseeyo otulo twa ssaawa nga ssatu, kale—kale ndi mukoowu nnyo. Naye ekkanisa. . .ekiseera eky'okujja ku kkanisa bwe kyatuuse, weewaawo, nnazze.

14 Era Mukama nga ayagadde, kati nnina okugenda emmanga mu Kentucky, nga bwe ŋŋambye. N'ekirala nnasuubiza okubuulirayo Ssande emu nga nkomyewo wano, era nnina okukikola ku Ssande eno eddako, kubanga eri ennaddako nja kubeera. . .Nnina okuddayo. Kubanga ŋŋenda kuddayo nate, mu Canada. Kale nni—nnina okukikola ku Ssande ejja, era ku Ssande ejja ku makya.

15 Kati Ow'oluganda Neville yaŋŋambye nti, "Lwaki togenda n'olamusa ku bantu, n'oyogerako gye bali okumala eddakiika entonotono?"

16 Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda Neville, ssinnaba wadde okubikkula Bayibuli yange, n'akatono." Ne mmugamba nti, "Nja . . ."

17 Kko ye nti, "Naye era, genda obeeko ne ky'obagamba." Kati, Mwannyinaffe Neville, ssi—ssi—ssimanyi bw'okikola. Musajja amanyi okusendasenda. Naye nga . . .

18 Kino sifuna kakisa kukyogera nga ekifo kyonna kijjudde abantu, n'ebibiina, n'abalala aba buli ngeri, naye nsiima nnyo Katonda olw'omusumba nga Ow'oluganda Orman Neville. Mwesigwa, era mwesigwa ddala nga bw'asobola, eri Ensonga, era tolimuwulira nga yeemulugunya. Ntuula emabega awo . . . Nnafuna akadde akalungi ne njogerako naye okumala ekitundu ky'essaawa bwe nnali nnyumirwa Ow'oluganda Mann, kale nja kweyongera okumubuulira ebikwata ku nsonga eyo bwe tunaagenda mu Colorado omwaka guno. Kale bwe twali tunyumirwa obubaka bwe, nnafuna akaseera akalungi ddala okwogerako n'Ow'oluganda Neville. Ne mmugamba nti, "Ssifuna na kakisa kubuulira bantu ku musumba waffe omulungi." Ne mmubuuza nti, "Abantu bakulabirira bulungi?"

Kko ye nti, "Tebayinza kundabirira bulungi kusinga ku bwe bandabirira."

Ne mmugamba nti, "Kaakati, ekyo kye kinsanyusa bwe nkiwulira."

19 Omusumba bw'aba mumativu, nga n'abantu bamativu, kireetera ekkanisa okuba ennungi ddala, era awo ne Katonda abeera mumativu. Era ndowooza nti, okubalaba nga bonna wamu bamativu, naddala mu kiseera kino eky'Obubaka bwe twetisse, ndowooza nti ekyo kiraga okweyongerayo mu maaso okw'Obubaka n'abantu wamu ne Katonda. Mukiraba?

20 Era nsiima nnyo Ow'oluganda Orman Neville, ne mukyala we omulungi wamu n'ab'ennyumba ye. Era nsaba Katonda abakuume nga beesigwa gy'Ali n'eri Ensonga. Era bwe kiba nga kimusanyusa, nsaba tusangibwe nga tukyayimiridde wano mu kkuŋŋaaniro Mukama waffe Yesu bw'alijja okutunona, mukiraba, okututwala mu Kukwakkulibwa. Tusuubira ffembi tuliba tukaddiye nnyo, Ow'oluganda Neville, nti omu alyetoolooza munne omukono gwe, nga tuyimiridde awo n'emiggo gyaffe, nga tukyagezaako okunywera. Mukiraba? "Awo tulikyusibwa, mu kaseera buseera, mu kutemya kw'ekikowe."

> N'ebyambalo bino ebikadde eby'omubiri birigwa wansi, ne twambuka
> Okutoola empeera etaggwaawo,
> Ne tuleekaana, nga bwe tuyita mu bbanga,
> "Weeraba, weeraba, ggwe akaseera akalungi ak'okusaba!"

Olwo nga wano tuvuddewo twambuse waggulu.

21 Nnawulidde ku kuwonyezebwa kw'Ow'oluganda Coomer okuva eri Mukama, era ekyo tukimwebaliza nnyo nnyini. Ebintu bingi nnyo. Kale nsanyuse okubeera wano enkya ya leero. Era nnalowoozezza nti, mu kifo kya . . .

22 Bulijjo nzija wano n'eky'okuyigako, ne mbuulira. Naye nnalowoozezza nti enkya ya leero nja—nja kujja buzzi wano. Era nnagambye nti, "Ow'oluganda Neville, essaawa ŋŋenda

kugikuumirako amaaso, era ob'olyawo abantu mbasiibule mu budde, njogereko gye muli okuva ku mutima gwange, okumala eddakiika entonotono; ku bintu bino, bye twa... Nedda, tebabikwata ku lutambi oba ekintu kyonna, kale leka tubeere bubeezi na kussa kimu nga ab'omu kkanisa wano ffekka, mukiraba, ffenna wamu."

Kale leka tusabe.

23 Ayi Yesu omwagalwa, tukwebaza olw'omukisa gwe tulina okukuŋŋaana awamu wano. Era, ha, bwe nnabadde ntunuulira ekkuŋŋaaniro lino olwa leero ku makya ennyo, oluvannyuma lw'essaawa omukaaga ogw'ekiro, bwe nnayiseewo, nnalowoozezza ku ngeri gy'Oyimiridde nalyo.

24 Era ndowooza ku kidiba kiri ekikadde ekyali wano, n'agaddoddo, agaali wano wennyini ekituuti kino we kiri. Nnali kavubuka kato, ne—ne nnyimirira wano. Mw. Ingram yagamba nti ettaka eryo tusobola okumuwaayo ssente entonotono ne tulitwala, ne tubaako ekitundu kye tusasulako; naye tetwalina ssente, tetwalina musingo, wadde ekintu kyonna eky'okuwaayo, okuggyako okugezaako obugeza. Nga, mu kiseera ekyo, omuwendo gwalyo lyali ligula ddoola nga enkumi bbiri n'omusobyo; nga zirina okusasulwa mu bbanga lya myaka abiri.

25 Naye kaakati, Mukama, kaakano laba bwe lifaanana! Era bwe lyali lyakatandikibwawo, nga likyali mu kinnya ekyali wano, nga litonnyamu amazzi; bwe Watusuubiza, okuyita mu Kigambo bwe wagamba nti: "Nze Mukama nze nnakisimba, nnaakifukiririranga amazzi emisana n'ekiro, omuntu yenna aleme okukisikula mu mikono Gyange."

26 Mu kiseera kye kimu, abantu ne bagamba nti, "Mu myezi mukaaga, lijja kuba lifuuse galagi ya mmotoka."

27 Naye mu buliwo enkumi n'enkumi z'emmeeme zizudde Kristo wano ku wolutaali. Era ekkuŋŋaaniro, ebbatirizo bulijjo libaddenga...Abantu babaddenga babatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu; nga baatula Erinnya Lye, nga banaazibwako ebibi byabwe. Ebikumi n'ebikumi by'abantu abaaziŋŋama, abanyigirizibwa, abazibe b'amaaso, abaagongobala, abalema, abaaliibwa kkookolo, batambuddenga ne bava ku kituuti kino; bazzenga, nga bafa, abasajja n'abakazi, abalenzi n'abawala, naye ne bafuluma okubeera mu bulamu obuggya, nga balina ensusu empya ku mibiri gyabwe, ne baddamu okutambula; ne bava mu bugaali bwabwe obw'abalema, ne basuulawo emiggo gyabwe egy'abalema, n'ebirala. Ayi Katonda, mu myaka gino asatu egy'okuweereza!

28 Kitaffe, nzijukira amakya lwe twasimba ejjinja ery'okunsonda. Era n'Ompa okwolesebwa erudda eri, okw'ekifo ekyo, nga kijjudde abantu, kyonna kikubyeko buli wamu wonna, nga kkoona erirabika obulungi; nna—nnakimanya nti

ekyo tekiyinza kulemwa. Na bwe kityo nkwebaza olw'ebintu bino byonna.

29 Bangi ku bo balwanye okulwana okulungi, ne bamaliriza olugendo, era bakuumye Okukkiriza; bali mitala w'eri, balinze, bawummudde okuva mu kutegana kwabwe, nga n'ebikolwa byabwe bibagoberera; nga balindiridde akaseera akagombe lwe kalivuga, bakomewo nate mu bulamu obuggya, n'omubiri omuggya. Bangi ku bo baali bakaddiye era nga bajugumira, abamu baali bato, abalala nga bavubuka, n'abalala. Naye Erinnya Lyo litenderezebwenga olwa bonna.

30 Kaakano nate tuyimiridde wano, mu maaso g'a—g'abalamu n'abafu. Nkusaba ofuke amafuta ku Bigambo Byo enkya ya leero. Simanyi kintu na kimu kya kwogera, naye nkusaba Ggwe okimpe, nga bulijjo bw'obaddenga Okola, ayi Mukama.

31 Wa omukisa omusumba waffe, Ow'oluganda Neville, ne mukyala we. Wa omukisa abayima, abadiikoni, buli mmemba yenna ow'omubiri. Tusaba, ffenna wamu, tubeerewo bwe tutyo mu bulamu buno, kibeere nti mu bulamu obugenda okujja tulibeera n'Obulamu Obutaggwaawo.

32 Tuyambe enkya ya leero okutwala okugololwa okuva eri Omwoyo n'okuva mu Kigambo, tusobole okweteekateeka bwe tunaaba tufuluma enzigi enkya ya leero, nga tumaliridde mu mitima gyaffe okutambulira mu bulamu obusinga ku bwe tubadde tutambuliramu. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

33 Kaakati, mbi—mbikkudde bubikkuzi Bayibuli wano, era kibaddewo mu ddakiika ntono ezaakayita. Ndi mu Kubikkulirwa 3, kale ŋŋenda kusoma wano, o—Obubaka eri Ekkanisa ya Lawodiikiya.

34 Era, njagala n'okuyisa ekirango, Ow'oluganda Neville abadde yaakava okukiŋŋamba; Ow'oluganda Parnell, mbadde mpisaayisa amaaso ne mmulengera nga atudde wano, alina enkuŋŋaana z'o—z'okudda obuggya, ku ludda luno olwa Memphis. Ku—ku. . .eri mmwe abamanyi wooteeri ya Wimpy enkadde, eyatundanga hamburger we yali, ya—yasimbawo weema, nga agezaako okuyingiza ebinywa n'okuzuula oba nga waliyo abaabulira eruuyi eyo abaayawulirwa okufuna obulamu, asobole okubawangula okuyita mu buweereza bwe abaleete eri Kristo. Kati enkuŋŋaana ezo yaziggaddewo ku Ssande, basobole okubeera mu nkuŋŋaana eziri wano mu kkuŋŋaaniro, era—era mu ekyo waaluganda omwesigwa ennyo. Kale twagala okubategeeza nti enkuŋŋaana zijja kuddamu ku Mmande ejja akawungeezi, wiiki ejja. Era nkimanyi nti mwenna mwanirizibwa n'essanyu okuwulira Ow'oluganda Parnell nga abuulira obubaka bwe obw'okwagala kwa Kristo.

35 Kale kaakati leka tusome okuva mu Kubikkulirwa essuula ey'o 3, tubeeko ekitundu kye tusoma, okusobola okugamba nti twasomye Bayibuli. Kubanga, bye ŋŋenda okwogera biyinza

okulemwa, naye Ye by'ayogera tebijja kulemwa. Kati simanyi wa kutandikira, na kya kukola, na wa gye nnina kugenda, naye nsoma busomi Mulembe gwa Kkanisa ya Lawodiikiya.

> *. . .eri malayika ow'ekkanisa ya. . .Lawodiikiya wandiika nti; Bw'ati bw'ayogera oyo Amiina, omujulirwa omwesigwa era ow'amazima,* era *olubereberye lw'okutonda kwa Katonda nti;*
>
> *Mmanyi ebikolwa byo,. . .tonnyogoga so tobuguma: waakiri obe. . .ng'obuguma oba onnyogoga.*
>
> *Bwe kityo kubanga olina ekibuguumirize, so tonnyogoga so tobuguma, ndikusesema mu kamwa kange.*
>
> *Kubanga oyogera nti, Ndi mugagga, era ngaggawadde, so ssiriiko kye nneetaaga; so tomanyi ng'oli munaku ggwe,. . .asaasirwa,. . .omwavu,. . .omuzibe w'amaaso,. . .ali obwereere:*
>
> *nkuweerera amagezi okugula gye ndi ezaabu eyalongoosebwa mu muliro, olyoke ogaggawale;. . . engoye enjeru, olyoke oyambale, era ensonyi* zo *ez'obwereere bwo zireme okulabika; n'eddagala ery'okusiiga ku maaso go, olyoke olabe.*
>
> *Nze bonna be njagala mbanenya, era mbabuulirira: kale nyiikira weenenye.*

36 Omanyi, waliwo awantu awamu, bwe mbadde nsoma, nna. . .Mugenda kunsoyiwamukkko, nni—nnina we nzudde awampulikikidde obulungi, naye simanyi wabadde wa wennyini. Waawano.

> *. . .so tomanyi* nti ye ggwe. . .*asaasirwa,. . . omunaku,. . .omwavu,. . .omuzibe w'amaaso,. . .ali obwereere:*

37 Ha, bannange, ekyo ky'ekifaananyi ky'ekkanisa ya leero bw'efaanana! Kati, ki, ndo—ndowooza nti omulembe gw'ekkanisa ogwo wano, gwe twogerako. . .Weewaawo, kati emirembe gy'ekkanisa ngirina gigenda kufulumizibwa mu bitabo. Naye nga bwe kiri nti guno gwe Mulembe gw'Ekkanisa ya Lawodiikiya mwe tuli, leka tulabe embeera zaagwo.

38 Ssaagala kubaako mutwe gwa kyakuyigako gwe nkozesa oba ekintu kyonna kubanga tetuli. . .twogeramu bwogezi, nga bwe tulaba okwogera ku kintu kyonna Mukama ky'anaatuluŋŋamya okukola, wabula ekintu ekiyinza okutuyamba.

39 Leka tulowooze ku Mulembe gw'Ekkanisa ya Lawodiikiya n'embeera yaagwo leero. Nze nga bwe mmanyi, ssiraba kintu kyonna kiyinza kuziyiza, Kujja kwa Mukama waffe Yesu, mu kiseera kino, nga oggyeeko eky'okuba nti Ekkanisa Ye tennaba kuba nneetegefu. Ndowooza nti obumu ku—ku bunnabbi. . .

40 Jjo, bwe twabadde tujja mu mmotoka, twagivugidde ennaku bbiri, okuva e Tucson, okutuuka wano, mayiro enkumi bbiri, nze ne Billy. Era mu ekyo twabadde, kati, tetulina mateeka gonna ga sipiidi ge twamenye. Twavuze bulungi. Nnatudde awo, nga bw'avuga, ne nfunya—nfunya ebikonde byange nga ndi bulindaala nga emmundu erinze okufulumya essasi. Nga bwe mmulaba asussizza sipiidi gy'alina okuvuga. Nga mmugamba nti, "Kendeezaako katono, muvubuka."

Kati, tugambibwa nti, "Ebya Kayisaali biwe Kayisaali."

41 Era twatuuse wano jjo ekiro, waabaddewo akawala akato akaabadde kagalamidde awo ku mabbali g'ekkubo, ka myaka nga esatu; nga nnyina waako afudde agudde eri mu mufulejje. Waliwo omuvubuka omutamiivu, eyabadde ava ku ttendekero lya R.O.T.C., wa myaka kkumi na munaana, eyabadde avuga sipiidi ya mayiro kikumi mu abiri buli ssaawa, ku mukono ogwa kkono ogw'oluguudo, ye yabasse. Era ndowooza, n'omuvubuka yabadde agenda kufa. Kale musobola okutegeera ekyavuddeko akabenje ako.

"Ebya Kayisaali biwe Kayisaali."

42 Abantu abatalina musango ne bafa. Omuwala omuto ow'emyaka esatu n'afiirwa obulamu bwe, olw'omujaasi omutamiivu, mukiraba, eyabadde avuga sipiidi ya mayiro kikumi mu abiri buli ssaawa, nga bwe kiteeberezebwa, ku mukono gw'oluguudo omukyamu. Yavudde waggulu ku kasozi nga aserengeta, n'abasaabala, bombi n'abattirawo. Ne. . .Nga, naye yabadde agenda kufa. Kale kati musobola okukiraba, wadde nga abantu abo abataabadde na musango baabadde bakola. . .

43 Kati omuvubuka oyo alina omusango ogw'okutirimbula abantu embulaga. Mukiraba? Ndowooza nti omuntu bw'akwatibwa ku luguudo, nga anywedde omwenge, alina okusibibwa emyaka kkumi, be ddu, olw'ekitannatuusa. . . olw'okutta omuntu mu bugenderevu; omuntu yenna, kubanga abeera. . .omuntu yenna.

44 Ffe, tetuliyinza kubaako kalungi konna ke tukola na byabufuzi. Bivundu. Endowooza ya Katonda ey'okubeera ne kabaka, kabaka omutuukirivu, y'entuufu. Naye eby'obufuzi tebiriimu kalungi konna, osobola okugulirira ekintu kyonna; okukumpanya, okulimba, okubba, n'ebirala byonna. Nga bwe nnagamba Ssande ntono eziyise: mmwe mulabe ebigenda mu maaso, mubiraba, buli kimu kyagootaana tekiriimu makulu gonna. Naye kabaka omutuukirivu asobola okukola amateeka agage. Era osobola okutta omuntu; bw'oba omanyi bulungi eby'obufuzi, ekyo kyangu, ogwo omusango oguvvuunuka. Mukiraba? Kale, ki—ki. . .

45 Endowooza ya Demokulasiya ndowooza nnungi, naye tesobola kukola. Kiringa obwannaakalyak'ani, okubeera nga

ebintu byonna bya bonna; kiwulikika bulungi, naye tekisobola kukola. Nedda. E. . . Engeri ya Katonda ey'okubeera ne kabaka, nga Dawudi bwe yali, yali ntuufu, era mubeera n'endowooza emu eruŋŋamya abalala bonna. Nga ekibinja ky'embaatakabuzi bwe kibeera n'omukulembeze omu, oba ebintu ebirala bwe bityo, toyinza kubeera na bakulembeze babiri oba basatu. Naye kati, bw'obitabulatabula n'obigattika, omaliriza olina buli ndowooza eya buli ngeri.

46 Kale tukiraba nti embeera eziriwo, leero, ziraga obweteefuteefu olw'Okujja kwa Mukama waffe.

47 Naye, nze n'Ow'oluganda Neville, n'ab'oluganda bano abalala nga bwe tugezaako okulunda ekisibo, mu kaseera kano, waliwo ekinzigidde mu birowoozo, kye tuyinza okwogerako.

48 Nga ekyo, luli waliwo ebbaluwa gye nnafuna okuva eri omukyala omulungi. Si nze nnagifuna; yayitira mu muntu mulala. Era mazima ddala yali anjuzaayuza bulere, oba nga agezaako okunjuzaayuza. Yali abuuza nti, "Mwali mugezezzaako. . . Mmwe Abasajja Abasuubuzi Abakristaayo temusobola kubaako na kye mukola kuyimiriza Waaluganda Branham?" N'agamba nti, "Kubanga kati wuuno afulumizza ekitabo kino ekiyitibwa *Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodiikiya,* akyafulumya n'ebirala bingi." N'agamba nti, "Naye ayuzaayuza njigiriza ya Bapentekoote obulere." N'agamba nti, "Kati ayogera ku bukakafu obusookerwako nga bwe kutali kwogera mu nnimi." N'agamba nti, "N'ekirala, awakanya eky'abakazi okubeera ababuulizi." Era ono yali mubuulizi omukazi. Era abavubuka be, be bamu ku mikwano gyange abasingayo obulungi be nnina mu nsi. A. . . Be bamu ku mikwano gyange abasingayo obulungi be nnina. N'agamba nti, "Kaakati. . . "

49 Kati waliwo omusajja ono ne mukyala we, nnali ndya nabo eky'enkya; ne bambuuza nti, "Ow'oluganda Branham, labayo kino. Osobola okukikkiriza?" ne baggyayo ebbaluwa eyo.

Ne mbagamba nti, "Kati, mwannyinaze, takitegeera butegeezi."

50 Abavubuka baali baŋŋamba nti maama waabwe mubuulizi omukazi, era nti takkiriziganya na Bubaka.

51 Naye kati mu bbaluwa eno agamba, nti, "Kati yagamba nti, 'Abakazi tebalina kufuga basajja.'" N'agamba nti, "Ate Foyibe mu Bayibuli, omuyambi wa Pawulo?"

52 Weewaawo, yali atunda byamaguzi. Era Pawulo yabuuza abantu. . . Mulowooza Pawulo yandigambye nti, "Abakazi basirikenga mu kkanisa, tebakkirizibwa kwogera," ate n'akyuka n'agamba nti, "Kaakati, Foyibe, omuyambi wange mu Njiri, mu biro bitono y'agenda okubuulira"? Ddala, yandibadde akontana n'ekigambo kye kyennyini. Mukiraba?

53 Omukyala oyo n'agenda mu maaso n'agamba nti, kati, si ebyo byokka (Ndowooza yali Eseza, ye yali omu ku balamuzi mu Bayibuli.), n'agamba nti, "Omukazi yali mulamuzi mu Bayibuli. Okwo si kufuga basajja!"

54 Kati omusuubuzi ono eyawonyezebwa wano wennyini mu kkanisa ebbanga si ddene eriyise, n'agamba . . . Kati, mukyala we yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, ekyo bulijjo kibaddenga kimbobbya omutwe."

Ne mmubuuza nti, "Naye, mwannyinaze, ekyo nga lwaki kikubobbya omutwe?"

Kko ye nti, "Nanti, omukazi wano wuuno mulamuzi."

55 Ne mmugamba nti, "Ebyo byabufuzi, si kkanisa. Ekyo tekirina kakwate konna na kkanisa."

56 Pawulo yagamba nti, "Bafugibwenga, era nga n'amateeka bwe googera." Era amateeka tegasobola kuteekawo mukazi kubeera kabona; tegasobola kumuteekawo. Temulabangako mukazi nga kabona asinga obukulu. Temulabangako mukazi nga kabona, wantu wonna mu Bayibuli. Temulabangako mukazi mubuulizi, mu Bayibuli. Mazima ddala.

57 Abamu ku bo baali bannabbi abakazi, n'ebirala; Miryamu n'abalala ab'enjawulo. Era Eseza . . . Omu ku bo yali mulamuzi wa Isiraeri. Oluusi baabeeranga bannaabakyala eri abantu abo, n'ebirala bwe bityo, nga kabaka ne nnaabakyala. Era kabaka bwe yafanga, nnaabakyala yabanga alina okutwala ekifo kye okutuusa lwe baalondanga kabaka omulala, n'ebirala.

58 Mu—mu Tucson, Arizona, tulinayo omulamuzi omukazi mu kibuga. Y'ensonga lwaki ekibuga kyonoonese nnyo. Era tulina . . . Omukazi talina mulimu gwonna mu byabufuzi. Talina mulimu gwonna mu . . . talina buyinza bwonna mu kkanisa.

59 Ekifo kye kwe kubeera nnaabakyala w'omusajja eka. Nga oggyeeko ekyo, talina kintu kyonna. Era ekyo tukimanyi nti ge Mazima. Tolisangayo . . . Ekyo nkimanyi kiwulikika nga eky'enkola enkadde, naye nvunaanyizibwa.

60 Era nkimanyi nti, bwe ndiba nvudde mu nsi eno, entambi ezo n'ebitabo ebyo birisigalawo, era bangi ku mmwe abaana abato mulikizuula, mu biro ebijja mu maaso, nti gano ge Mazima gennyini, kubanga ngoogera mu Linnya lya Mukama waffe.

61 Kati, twewuunya engeri omukazi, omukazi omulungi, eyazaala n'aleeta ku nsi kuno okuyita mu mwami we omwesigwa, omusajja omulungi, abamu ku bavubuka abasingayo obulungi be nnali nsisinkanye, basajja, be nnali nsisinkanye. Naye amangu ddala, olwali okuwulira bati Obubaka, baabukkiririzaawo, kikumi ku kikumi. Kaakati, ekyo kisobola kujja kuyita mu kwawulibwa mwokka, y'engeri yokka gye kisobola okujjamu.

62 Kaakati, ekibuuzo kiikino, wano. Kati ekyo mbadde nkirowoozaako, mukiraba, nga nneebuuza lwaki Mukama abadde ankomyawo. “Era okimanya, okimanyi . . . Tokimanyi; oli bwereere, omunaku, asaasirwa, omuzibe w’amaaso, so nga tokimanyi.”

63 Nga sinnatuuka ku katundu ako, nnyinza okubajjukizaamukko mu bufunze ku bye nnayogera ennaku ntono eziyise, wano mu Bubaka, ndowooza bwali bugamba nti, *Katonda w’Ensi Eno*; azibye amaaso g’abantu, ne batuuka okuba nga basinziza ddala ssetaani mu nkuŋŋaana z’eddiini. Ekyo mwenna mwakifuna? Mwenna mwakitegeera? [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”—Omuk.]

64 Era kati mu Bubaka bwe bumu obwo, nnaleeta eky’okuyigako, ekigamba nti, omukazi ayambala engoye ez’obugwenyufu, ezitasaana, omukazi oyo, alisalirwa omusango mu Kaguli nga malaaya ow’oku nguudo. Ekyo kiwulikika nga ekyewuunyisa ennyo.

Leka mbeeko ekifaananyi kye mbalaga.

65 Kaakati, wuuno wano munnamateeka mu kibuga, omuvubuka omuto, era musajja mulungi. Ku—ku bikwata ku by’obufuzi, ndowooza yandiba nga talina nziro nga omuntu omulala yenna, mu by’obufuzi bye. Kati n’abaako omuwala ow’ettutumu ennyo gw’ayogereza. Ne baagalana ne bafumbiriganwa. Ne bagendanga mu bubaga bwonna n’ebintu eby’amaanyi, era ne banyweranga wamu. Oluvannyuma, omuwala n’a . . . Omusajja alina amaka amalungi. Abeera mu kitundu ekirungi. Abantu bamulowoozaako bulungi. Naye n’a . . . Bombiriri banywa omwenge. Omuwala ayambala ebinu, asalako enviiri ze, yeesiiga eby’okwewunda, akola buli kimu kyonna nga omukazi alabika obulungi, ayagala okulabika nga asikiriza. Naye, tagenderako ddala ku kkanisa, n’akatono, bombi tebalinnyayo.

66 Kaakati, ku mulyango ogubaliraanye, ne wasengawo, ne wajjawo omukazi okuva mu kkanisa y’Ababaputisiti oba mu kkanisa y’Abamesodisiti, ye wamu ne bba. Kati, omukazi ono . . .

67 Leka tumuyite Mumesodisiti, kubanga Abamesodisiti bateeka nnyo essira ku butukuvu okusinga Ababaputisiti; bonna okuggyako abayitibwa Ababaputisiti ab’Endagaano Empya, abo bo bakkiririza mu butukuvu. Naye, ebiseera ebisinga, Ababaputisiti tebagoberera bya butukuvu n’akatono, mukiraba. Tebakkiririza mu kintu nga ekyo. Kale n’olwekyo, kati, leka tumuyite Mumesodisiti kubanga bakkiririza mu butukuvu.

68 Kale kaakati omukazi Omumesodisiti n’asenga ku mulyango oguddako oguliraanye ogw’omukazi ono, ku luguudo lwe lumu. Bba nga mu . . . Leka tugambe nti mubazi wa bitabo, era,

oba kale alina wofiisi emu mw'akola. Kaakati, omukazi ono Omumesodisiti n'atunuulira omukazi oli omulala.

69 Kati munnamateeka ono bw'afuluma ekibuga . . . Erinnya lye ye John; leka tugambe nti erinnya lye ye John. Kati, temutandika kubaako bye muteebereza ku mannya ago kati. Amannya ago ngakozesezza bukozesa nga kya kulabirako. Kale erinnya lye ye John. Era, omukazi ono yateranga okupepeya ne Ralph. Eryo nalyo linnya likozeseddwa bukozesebwa nga kyakulabirako, amannya gonna, mukiraba, musobole okutegeera emboozi eno, mufune ekifaananyi kye mbalaga.

70 Kati, olwatuuka, ku kabaga akaaliko okunywa omwenge, Ralph n'addamu n'agwa omukazi ono mu kifuba. Bw'atyo, omukazi okwagala kwe ne kuddamu ne kusiikuulwa, kubanga alowooza nti, azzeemu okuba mu mukwano ne Ralph. Kati, oluvannyuma lw'akaseera, Ralph n'atandika okumusisinkananga. Era nga ekyo omukazi ono asobola okukikisa John, n'akimukweka n'atakiraba. Era omukazi ono alowooza nti mugezi nnyo, kubanga asobola okupepeya ne Ralph, ate nga yafumbirwa John. Mukiraba, omukazi ono talinaamu wadde empisa empeke y'obulongoofu, era ekyo talina n'ekimu ky'akirowoozaako.

71 Naye ate omukazi ono Omumesodisiti ye yakulira mu mbeera ndala. Ye, waakiri, agenda ku kkanisa, era alowooza nti omukazi oli mubi nnyo. Kubanga, agamba bba, bw'aba akomyewo nti, "Omusajja oyo mmulaba nga ayingira mu nnyumba eyo n'amusisinkana. Ne John bw'abaako ensonga gy'akolako mu kitundu ekimu, mu Philadelphia oba awantu awamu, omusajja oyo amutwalako mu mmotoka ye embikkule, ne bagalamira eyo ku lubalama lw'ennyanja. Mbalaba nga bakomyewo eka; oluusi n'entimbe tebazissa wansi, n'amunywegera n'akola naye omukwano, ekiddako . . . Oh, ekyo si kibi nnyo?" nga agamba bba. "Eky'amazima, malaaya wa lukale." Ekyo kituufu. Mubi nnyo n'okusinga malaaya ow'olukale, kubanga mukazi mufumbo. Mukiraba? Era ye, omukazi ono, omukazi ono Omumesodisiti, alowooza nti ekyo kibi nnyo, omukazi oli tagenderako ddala ku kkanisa.

72 Kati, omukazi ono Omumesodisiti tayinza kukola kintu nga ekyo. Nedda, n'akatono. Mukazi mulongoofu. Era n'ekirala, tasobola kwetantala kukwata ku kintu kyonna kyekuusa ku mwenge, kubanga ekkanisa y'Abamesodisiti, ebitundu kyenda ku kikumi ku nteekateeka yaabwe ya kuvumirira mwenge, kuvumirira mwenge. N'olwekyo, balina enteekateeka ekugira abantu, era abantu abo ab'ekkanisa y'Abamesodisiti eyo tebasobola kusukka ku ebyo ekkanisa yaabwe by'eyigiriza.

73 Naye omukazi y'omu ono, omukazi ono Omumesodisiti, afuluma wabweru, akawungeezi, ne bba, nga ayambadde ebinu

ku Ssande, nga okusaba kwa Ssande kuwedde. N'asala enviiri ze. Ne yeesiiga langi ku mimwa, n'afuuwa ne ku sigala.

74 Kati, okusinziira ku Kigambo kya Katonda, bombi bamalaaya, naye *ono* wano "ali bwereere, munaku, asaasirwa, muzibe w'amaaso, kyokka nga n'okukimanya takimanyi." Buli omu ku bo gumusinga nga bwe gusinga omulala, kubanga, "Omusajja atunuulira omukazi, okumwegomba, aba amaze okwenda naye mu mutima gwe."

75 Era omukazi ono, kati, ayinza okuŋŋamba nti, "Lindako katono, Mw. Branham. Njagala okukutegeeza, nti nze ssiri malaaya." Mwannyinaze, weesanga ssinga osimbibwa mu maaso ga Bayibuli, n'ogissaako emikono gyo mu Kubeerawo kwa Katonda, olayira n'okulayira nti obadde mwesigwa—mwesigwa eri balo nga bw'olina okuba. Omubiri gwo gwa balo, naye emmeeme yo ya Katonda. Waliwo omwoyo omubi ogwakufukako amafuta. Ekyo bwe kiba, bw'oba toliiko mwoyo mubi, kitegeeza oli . . . nsobola okukukakasa nti oli mutabufu wa mutwe.

76 Kiki ekyandituuse ku jjajjaawo omukazi singa yatambula ku luguudo nga ayambadde ebinu ebyo? Bandimututte mu ddwaliro ly'abatabufu b'emitwe; kubanga yandibadde afulumye nga tayambadde lugoye lwonna. Abaako ekikyamu ku bwongo. Bwe kiba nga bwe kityo bwe kyali mu kiseera kiri, ne kaakati bwe kiri.

77 N'olwekyo ekyo kisuula ensi yonna mu buzoole. Yonna nzoole. Era kigenze kisensera mpolampola okutuusa nti abantu n'okukimanya tebakimanyi.

78 Kati, omukazi oyo malaaya? Okusinziira ku bba si malaaya, oyo gwe yawa ekirayiro eri omubiri gwe. Naye, mu maaso ga Katonda, aliko omwoyo omubi, ogw'obwa malaaya, ogumuleetera okwambala bw'atyo. Era ali mu Mulembe gw'Ekkanisa ya Lawodiikiya, naye takimanyi na kukimanya nti ekyo ky'akola. Mukazi wattu oyo bambi atalina ky'amanyi takimanyi nti Katonda alimusalira omusango ogw'obwa malaaya. Kiikyo.

79 Genda gy'ali omutwalire Ekigambo ekyo; tosobola kumugamba. Tewali ngeri yonna gy'oyinza kumutuusaako Kigambo ekyo. Bayibuli egambye nti, "Bali bwereere naye tebakimanyi."

80 Ne kakutanda n'omuyita malaaya, nga omuntu, asobola okukusibisa. Asobola okukikola. Ssoogera ku muntu yenna. Njogera ku kibi. Ssigamba nti, "Ekkanisa *eno* bw'eti, Mw. *Gundi* wali, Levulandi *Gundi*, ali bw'ati . . . " Nedda, nedda. Njogera ekyo, njogera njigiriza ya kkanisa eyo, mukiraba, ekintu kyonna wamu. Simenya linnya lya muntu yenna. Abantu nga bo si be baliko obuzibu. Enkola gye balimu y'eriko obuzibu. Enkola y'ensi yonna.

81 Ow'oluganda George Wright atudde wano. . . Ndowooza, alina emyaka nga nsanvu mu etaano oba nsanvu mu munaana. Olowooza kiki ekyandibaddewo singa lumu wagenda okulaba Mwannyinaffe Wright, n'omusanga nga ayimiridde ayambadde ekinu? Nkakasa, tewandi, omukazi oyo wa—wandimuwaddeyo ne bamuggalira. Tewandimuwasizza. Mu ngeri y'emu, n'omuvubuka yenna bwe yandikikoze mu kiseera ekyo, wandibaddewo ekintu kye kimu. Kati, bwe kuba nga kwali kwonoona era nga kyali kikyamu mu kiseera kiri, ne leero bwe kiri; naye abantu beeyongedde okutabuka emitwe.

82 Muleke mbeeko kye mbawaako obunnabbi, nga tekinnabaawo. Ensi yonna egenda yeetuuma mu butabufu bw'omutwe, era egenda kweyongera kuba bubi, na kuba bubi, na kuba bubi, okutuusa lwe banaafuuka ekibinja ky'abalalu. Era we twogerera kyenkana bwe kityo bwe kiri.

83 Osobola okukubamu akafaananyi omusajja okuvuga emmotoka nga amataala ge tegaliiko, nga avugira ku ludda lw'ekkubo olukyamu, akavubuka akato, ka Ricky, akalina okuba nga kaakamaliriza siniya, ne katta ekibinja ky'abantu. Ekyo kibayziyiza? N'omulala n'ajja nga amugoberera, naye n'akola ekintu kye kimu. Osobola okukubamu akafaananyi omuvubuka omuto eyeerowooza okuba. . . nti alina ky'ali, naye n'agenda wano ne yeeyisa nga bwe beeyisa?

84 Osobola okukubamu akafaananyi omuwala omuto, eyaakavubuka, nga alabika bulungi, yakula bulungi, alina ekika ky'omubiri ogwakula obulungi, nga endabika ye, n'amaaso, mubalagavu; naye ekyo kyennyini eky'okuba nti mubalagavu kiraga nga tuli mu kiseera kya nkomerero. Mukiraba, yenna atwaliriziddwa nneeyisa ya nsi, bintu bya nsi so si bulungi bwa butukuvu, na kwagala mu mmeeme ye. Nnali ndabye ku bakazi, nga ku ngulu tebalina kya maanyi kya kutunuulira, naye lumu ojje oyogereko nabo, yogerako nabo okumala eddakiika entonotono, bantu aba nnamaddala b'otasobola kwagala kuva we bali. Mukiraba, obulungi obw'okungulu bwa ssetaani, bwa nsi.

85 Mulabe abaana ba Kayini, engeri gye babuyingiramu. "Abaana ba Katonda bwe baalaba abawala b'abantu nga balungi, ne babeetwalira nga abakyala," era Katonda teyabasonyiwa.

86 Mulabe, abakazi bali Abayisiraeri a—abaalina ebibatu ebijjudde amabavu, n'enviiri ezeezinze; abaana ba Katonda abo bwe bajja nga bayita mu nsi ya Mowabu, ne basisinkana abakazi baayo abaali balabika obulungi ab'enviiri ezittulukuka, era entoneetone, nga bonna beekozeeko mu maaso, oba kyonna kye mubiyita; era abaana ba Katonda abo bwe baalaba abakazi abo abalabika obulungi ennyo, nnabbi ow'obulimba n'abagamba

mbu, “Ffenna ffe bamu.” Ne babawasaamu, era Katonda teyabasonyiwa.

87 Baazikiririra mu ddungu. Buli omu ku bo yafiirayo, nga tebalina ssuubi, tebalina Katonda, era baabulira ddala emirembe Egitaggwaawo; baazikirira emirembe n’emirembe, wadde baali balabye obulungi bwa Katonda, wadde baali banywedde okuva mu nsulo etakalira. Baali banywedde okuva mu lwazi olwakubibwa. Baali balabye omusota ogw’ekikomo ekizigule nga gukola ebyamagero. Baali bayise mu kubatizibwa kwa Musa mu nnyanja. Baali balabye omukono gwa Katonda. Baali balidde emmere ya Malayika, era nga bakoze ebintu ebyo byonna. Naye baawasa mu, bakkiriza abakazi okubayingiza munda, era ne babawasaamu. Tekyali nti baayenda, wabula baababawasaamu; ekyo Katonda teyakibasonyiwa.

88 Ogwo gwe mulundi ogw’okubiri lwe kyabaawo. Kati tuutuno tuli ku mulundi gwa kusatu, ku mulundi guno kirimba nnyo n’okusinga bwe kyali kibadde.

89 Ekyo nkimanyi kikalubo. Era mbaddenga nneebuuza, mu ngeri nnyingi, ddala kiriba kitya? Lwaki nnina okwogera eri abantu mu ngeri ey’okubakaayuukira? Kiki ekikireetera okuba bwe kityo? Naye ate, nga nkimanyi nti, singa teyali Katonda, tewandibaddewo muntu yenna, tewandibaddewo mukazi yenna atuula kumpuliriza. Naye bakomawo, kubanga waliwo omuntu alina essika ery’Amazima munda mu ye, akimanyi nti Ekyo ddala kituufu. Wadde mbakaayuukira, naye bakimanyi nti Kituufu. Kaakati mulabe ekibaawo. Nkimanyi kikalubo.

90 Kiringa omusawo bw’ayinza okukuwa eddagala, naye ggwe n’ogaana okulimira, kati awo bw’ofa tonenya musawo. Ne Kino kiringa ddagala. Ate abantu bano ababeera bankonjera nga bwe nkyawa abakazi?

91 Mulabeeyo, mmwe mwetegereze engeri abakazi gye beeyisaamu, nange nja kubalaga wa ekkanisa w’eri. Empisa z’abakazi ziri mu Lawodiikiya, mu nsi, mu mubiri, “bali bwereere, banaku, bazibe b’amaaso, naye tebakimanyi,” a—abantu, abakazi ab’ensi. N’ekkanisa eri mu mutendera gwe gumu. Weetegereze eby’omubiri bwe byoleka eby’omwoyo, buli wamu wonna, buli mulundi. Kaakati, lumu mu Kaguli awasalirwa Omusango . . .

92 Nkimanyi si tekiwulikika bulungi okukyogera. Era omuntu bw’aba teyayawulibwa kukyogera, kisingako n’otokyogera; kubanga obeera ogeegeenya bugeegeenya, era nkukakasa, ojja kugwa mu mitawaana.

93 Kaakati mulabeeyo. Weewaawo, emirundi mingi, kiringa, nze akuttenga omumwa gw’omukazi ne mmuyiwamu Eddagala mu kamwa ke, bwe mmala ne mmukwata ku mumwa n’ebibatu byange, naye Eddagala eryo buli mulundi ajja kuliwanda. Ekyo watya ssinga omusawo akikola omulwadde, naye omulwadde

oyo n'afa kubanga yagaana okumira eddagala? Mu Kaguli awasalirwa Omusango, ebintu bino byonna nga okusalako enviiri n'okwambala ebinu ne. . .

94 Nze nzimba buzimbi. Akaseera kanaatera okutuuka lwe munaalaba ekintu nga kibaawo, lwe wanaabaawo ekintu ekibaawo. Era ebintu bino byonna wano bye nnatandika nabyo bibadde bya kusimba busimbi musingi olw'Obubaka obumpi, obw'amangu obunaanyeenya amawanga gonna.

95 Ensonga lwaki mbaddenga nkaayuukira abakazi, kibadde kirina kye kibadde kizimba wano ky'osobola okukozesa, okukikuba butereevu ku mutwe. Ngezaako n'okubagamba ekituufu. Ne mbakwatako ne bwe *nti*, ku mumwa, naye era Ekigambo ekyo ne bakiwandula. Kati ani ayinza okunenya omusawo?

96 Mulyogera mutya, ku Lunaku lw'Omusango, amaloboozi gennyini agabaddenga gakivumirira, olutambi kwe gali bwe luliddamu ne luzannyibwa mu maaso g'abantu bonna? Kaakati ddala balikyegaana batya?

97 Nkifulumya akamwa kange ne nkiwandula wakati w'engalo zammwe. Ne ŋŋenda mu maaso ne mbaako ekirala kye nfukumula, naye era oluvannyuma lwa byonna ne banyeenya emitwe gyabwe ne bajeema, ne baddayo, ne bagaana okukikola. Kyokka, era Ekigambo kye kimu n'okomawo n'oddamu n'okifukumulamu. Kaakati ow'okunenyezebwa y'ani? Ssi musawo, ssi Ddagala, wabula endowooza y'omuntu oyo. Ddala bwe kiri. Luliba lunaku lwa ntiisa nnyo, olumu ku nnaku zino, omulembe guno omwonoonyi era omwenzi bwe guliyimirira mu maaso ga Katonda Omuyinza w'ebintu byonna.

98 Emyaka gyange ngiraba gigenda giggwaayo, n'ebibegabega byange bikootakoota; era, nkimanyi, mmaze emyaka asatu mu kituuti kino wano, weewaawo, emyaka asatu mu esatu nga mbuulira enjiri. Obwo bulamu bwa buwangaazi. Egyo myaka asatu mu esatu egy'okuweereza. Nnejjusa ekintu kimu kyokka; nti ssiriweza myaka kikumi mu asatu. Kubanga guno gwe mukisa ogusembayo gwe ndiba nagwo, nga nkyali wano mu mubiri, okubuulira Enjiri. Ayi Katonda nnyamba nnyimirire nga ndi mwesigwa ddala nga bwe nsobola okuba, eri Ekigambo ekyo, njogere ekyo kyennyini ky'Agamba.

99 Kiki ekyaleetera omukazi oyo Omumesodisiti. . .Ddala Ekigambo ekyo oyinza otya okukimutuusaako? Wuuno wano, mu Mulembe ogwo ogw'Ekkanisa ya Lawodiikiya.

100 Kaakati tugenda kulaba omukazi Omupentekoote. Talina kwambala binu, wadde okwesiiga eby'okwewunda, oba okusalako enviiri ze, naye anyooma Omumesodisiti, n'agamba nti, "Laba omukazi oyo akola *bw'ati*!" Agamba mbu abakazi tebambala binu, naye ate agamba. . .ye kennyini enviiri ze yazisalako. Mukiraba?

101 Gy'okoma okwambuka waggulu mu Katonda, ekintu kyonna gye kikoma okweyongera okulabika nga kyonoonefu. Ate oluusi, mu kusaba, osobola okufumiitiriza, Omwoyo Omutukuvu bw'akulinnyisa waggulu n'abaako embeera mw'akutwala, ate awo ekintu kyonna kirabika nga kavuyo. Naye bw'okomawo wansi, obeera nga, eri abantu, bakulaba nga muyaaye, mbu—mbu tolina ky'oli wabula muntu akolokota obukolokosi. Oli musirusiru, kubanga oyimirira nga nnamukadde eyeeyitiriza era lubeerera abeera anenya abantu. Naye singa lumu olirinnya n'otuuka mu mbeera ezo, w'osobolera okubeera mu Kubeerawo kwa Katonda (nga si lwa kukyamuukirira bukyamuukirizi, wabula nga osituddwa Omwoyo Mutukuvu yennyini), ekintu kyonna olikiraba nga kiwandiikiddwako nti, "IKABODI." Ekitiibwa kya Mukama kyabulidde ekyambalo kyonna eky'ebibiina by'amadiini. Bwe kiri. Tewali n'ekimu ku byo ekituufu.

102 Kaakati leka mbeeko enkulungo entonotono gye mbakubira. Singa mbadde n'olubaawo. . . Naye njagala mwetegereze wano. Ŋŋenda kukuba enkulungo emu *bw'eti,* nkube n'enkulungo endala munda w'enkulungo eyo, ezo bbiri, nnyongereko enkulungo endala munda mu nkulungo eyo. Ezo z'enkulungo ssatu, enkulungo ssatu. Kati, oyo ye ggwe.

103 Oyo ye Katonda. Katonda mu busatu ali Omu, era awatali busatu Tabeera Katonda. Tayinza kulabisibwa mu ngeri ndala yonna.

104 Era naawe tosobola kulabisibwa nga tolabisiddwa mu muntu ow'obusatu nga bw'oli, nga obusatu obwo: gwe mubiri, omwoyo, n'emmeeme. Bwe kubaako ekimu ekibulako, tobeera mujjuvu. Mukiraba? Singa tewalina mmeeme, wandibadde tolina ky'oli; singa tewalina mwoyo, wandibadde tolina ky'oli; singa tewalina mubiri, wandibadde mwoyo mwereere, tewandibadde mubiri.

105 N'olwekyo, Katonda abeera mujjuvu mu busatu obw'Omuntu omu; si mu busatu obw'*abantu,* wabula mu Muntu omu nga ali mu busatu. Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu ye Katonda omu omutuufu alabisiddwa. Katonda!

106 Mulabeeyo wano, musooke mulindeko, nzi—nzikiriza nnakisomye eddakiika ntono eziyise. Muwulirize kino.

> *. . . eri malayika ow'ekkanisa ya . . . ab'omu Lawodiikiya wandiika nti; Bw'ati bw'ayogera oyo Amiina, omujulirwa omwesigwa era ow'amazima, olubereberye lw'okutonda kwa Katonda;*

107 Katonda ye Mutonzi. Kaakati Yatondebwa atya? Naye luno lwe "lubereberye lw'okutonda kwa Katonda." Katonda, Omwoyo, bwe yatondebwa mu nkula ey'Omuntu, oyo yali Katonda nga atondebwa; Katonda Omutonzi, Mwene, nga afuuka ekitonde. Katonda, Oyo eyakola ettaka, eyakola

kalisiyamu, eyakola ekirungo kya potaasi, eyakola ekitangaala, n'amafuta, yabikwata n'abigatta wamu ne Yeetonda, mu "lubereberye lw'okutonda kwa Katonda."

108 "Oyo Amiina," ekisembayo. *Amiina* kitegeeza "kibeere bwe kityo." "Ekisembayo kya Katonda," Katonda bwe yamaliriza mu kutonda Kwe.

109 Kaakati, kyali kitya? "Tewali yali alabye ku Katonda wonna wonna, wabula Oyo omu yekka eyazaalibwa Kitaffe y'amutegeeza." Mukitegeera?

110 Kaakati, musooke mulindeko, temuli mu bwangu. Leka tubikkuleko, katono, mu Abakkolosaayi. Waliwo kye... Ekyawandiikibwa ekinzijidde mu birowoozo byange. Leka tubikkule mu Abakkolosaayi, Ekitabo ky'Abakkolosaayi, tusome e...Ndowooza kiri mu ssuula 1. Kino nnina okulaba oba nga kye kyo, kubanga wano nnabadde saakitegese. Kale ŋŋenda...Nga bwe nnali, bwe nnali nkyali mubuulizi omuto, ebintu bino nnali nsobola okubijjukirirawo mu buliwo, naye nga bwe nneeyongera okukaddiwa mba ssikyasobola kubijjukira. [Ow'oluganda Branham akuba entoli n'engalo ze—Omuk.] Ndowooza, leka tutandikire ku lunyiriri olw'o 9. "Naffe kye tuva..." Ono Pawulo y'agamba Abakkolosaayi ku Kristo, Kiki kye Yali.

> *Naffe kye tuva tetulekaayo, okuva ku lunaku bwe twawulira, okubasabira, ne...okubeegayirira mulyoke mujjuzibwe okutegeeranga by'ayagala* byonna *mu magezi gonna* ag'omwoyo *n'okutegeera;*
>
> *Okutambulanga nga bwe kisaanira Mukama waffe olw'okusiimibwa kwonna, nga mubalanga ebibala mu buli kikolwa ekirungi, era* n'okweyongeranga *mu kutegeera Katonda;*
>
> *Nga muyinzisibwanga...ng'amaanyi ag'ekitiibwa kye bwe gali, olw'okugumiikiriza kwonna n'okuzibiikiriza awamu n'okusanyuka;*
>
> *Nga mwebaza Kitaffe,* oyo eyatusaanyiza... *eyatusaanyiza ffe...omugabo ogw'obusika obw'abatukuvu...*
>
> *Eyatulokola mu buyinza obw'ekizikiza, n'atutwala mu bwakabaka obw'Omwana we omwagalwa:*

111 Kaakati waawano tutuuse. Mwekkaanye.

> *Mwe tubeerera n'okununulwa okuyita mu musaayi gwe, n'okusonyiyibwa kw'*ekibi:
>
> *Oyo* ali mu *kifaananyi kya Katonda atalabika,...*

112 Mukifunye? Olunyiriri olw'e 15, Abakkolosaayi 1:15.

> *...omubereberye ow'ebitonde byonna:*

113 Amiina! Ani? "Omubereberye ow'ebitonde byonna." K'abeere Malayika, ka kibeere kiki kyonna; Ye mubereberye w'ebitonde byonna.

> *Kubanga mu oyo ebintu byonna mwe byatonderwa—ebintu byonna mwe byatonderwa, ebiri mu ggulu,* oba*. . .ku nsi, ebirabika. . .n'ebitalabika, oba nga ntebe za bwakabaka,* oba nga *bwami,. . .kufuga,. . .masaza: ebintu byonna byatondebwa ye, era ku lulwe:*

114 *Brrrrr*! Ka kibeere kiki kyonna kye kisobola okuba; tewaliiyo kitonde kirala kyonna! Mwetegereze, "Era mu. . .Era n'olwekyo ye. . ."

> *. . .ye w'olubereberye mu byonna era ebintu byonna bibeerawo mu ye.*

115 Oba Kitaffe, oba Mwana, oba Mwoyo Mutukuvu, kyonna kye kiri, "Ye w'olubereberye mu byonna." "Ow'olubereberye mu byonna ebiri mu Ggulu, ne ku nsi; ebirabika, n'ebitalabika, oba ekintu kyonna," Omwana wa Katonda ono ye w'olubereberye mu bintu byonna. Si bwe kiri? Sifaayo, oba bwami, oba bufuzi, ka kibeere kiki kyonna; oba ntebe ez'obwakabaka obw'omu Ggulu, oba bwakabaka, kyonna kye kiyinza okuba ekiri eyo mu mitendera egy'ebuziba egisukkulumye obutonde, eyo yonna mu Butaggwaawo; oba wa wonna, Bamalayika, bakatonda, buli kimu kyonna, "Ye w'olubereberye mu byonna." Amiina! Temusobola kumulaba? "Yaliwo nga ebintu byonna tebinnabaawo; era byatondebwa Ye. Ye. . ." Olunyiriri olw'e 17.

> *Naye ye w'olubereberye mu byonna, era ebintu byonna bibeerawo mu ye.*

116 Tewali kisobola kubireetera kutambula okuggyako Ye. Oba Katonda Kitaffe, oba Katonda Omwoyo Omutukuvu; oba Bamalayika, oba masaza, oba buyinza, oba bwami; ka kibeere kiki kyonna, ebintu byonna y'Abitambuza. "Ebintu byonna bibeerawo mu Ye." Ye!

> *Era oyo gwe mutwe gw'omubiri, ye kkanisa: oyo lwe lubereberye—oyo lwe lubereberye, omubereberye ow'omu bafu* (kitegeeza nti, azuukiza bye Yajja okununula); *ye alyoke abeerenga ow'olubereberye mu byonna.*

117 "Abeerenga *ow'olubereberye*," mumanyi kye kitegeeza? Kitegeeza, "y'afuga byonna." Y'afuga ebintu byonna ebyali bitondeddwa; buli Malayika yenna, buli kiramu kyonna, buli—buli kintu kyonna ekyali kibaddewo. Y'afuga ebintu byonna. Kino Kitonde ki? Ayinza kuba ani? Afuga ebintu byonna! "Bwe yamala okuleeta emirembe. . ." Leka tulabe, musooke mulindeko. Ow'olubereberebe-. . .

> *Kubanga Kitaffe yasiima okutuukirira kwonna okubeeranga mu ye;*

118 "Okutuukirira kwonna okw'ebintu byonna." Okutuukirira kwonna okwa Katonda, okutuukirira kwonna okwa Bamalayika, okutuukirira kwonna okw'ebiseera, okutuukirira kwonna okw'Obutaggwaawo; buli kimu kyali mu Ye. Oyo ye Muntu ono.

> *Bwe, yamala okuleeta emirembe olw'omusaayi gw'omusaalaba gwe, mu ye okutabaganyisa ebintu byonna eri ye yennyini mu ye; mu ye, ŋŋamba, oba eby'oku nsi oba eby'omu ggulu.*

119 Ekyo ky'Ekitonde eky'ekitalo kye twogerako, "Oyo olubereberye lw'okutonda kwa Katonda."

120 Kaakati, kaakati eyo, y'Ekkanisa, nga ekigendererwa Kye kyonna yali Kkanisa. Kaakati Ekkanisa eno tugiyingiramu tutya? "Ku bw'Omwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu," Ekkanisa, Omubiri gwa Kristo. Tesobola kulemwa.

121 Kaakati, kino kye kibaawo. Kaakati mulabe kino, wano ekifaananyi ekitonotono eky'eky'okulabirako.

122 Kati, omuntu ono ow'okungulu gwe mubiri. Gwe tutunuulira; gwe tulaba. Era alina emikutu etaano egiyingira mu mubiri ogwo. Era omwana w'essomero yenna, nga nze, akimanya bulungi nti waliwo obusimu butaano obufuga omubiri; okulaba, okulega, okukwatako, okuwunyiriza, n'okuwulira. Awatali ebyo, tosobola kukwatagana na mubiri. Eyo y'engeri yokka gy'osobola okukwatagana n'omubiri; okulaba, okulega, okukwatako, okuwunyiriza, n'okuwulira; okiraba, okirozaako, okikwatako . . . Kaakati, oyo ye mubi, ow'okungulu.

123 Kati, munda omwo mulimu omwoyo, gw'ofuuka bw'ozaalibwa mu nsi n'ossibwamu omukka ogw'obulamu. Omwoyo ogwo gubeera gwa butonde bwa nsi kubanga tegwakuweebwa kuva eri Katonda, wabula (gwakuweebwa) Katonda ye yaguganya. Kati ekyo mukitegedde? Kubanga, buli mwana azaalibwa mu nsi, "azaalibwa mu kibi, n'abumbibwa mu bujeemu; n'ajja mu nsi nga ayogera bulimba." Si bwe kiri? N'olwekyo, omuntu oyo, ali munda omwo, abeera mwonoonyi, okusooka kwa byonna. Kaakati, naye . . .

124 Kati, alina emikutu etaano mw'ayingiriza. Era emikutu egyo etaano egiyingiza . . . Simanyi oba nsobola okugimenya kati. Bwe . . . Ogusooka, mmanyi, by'ebirowoozo, okulumirizibwa, n'okwagala, okweroboza . . . Nedda. Okulumirizibwa, okwagala, okukubaganya ebirowoozo . . . Waliwo emikutu etaano egiyingiza eri omwoyo. Tosobola kulowooza na mubiri gwo; olina kulowooza na mwoyo gwo. Tosobola kubeera na kulumirizibwa mu mubiri gwo. Tegulina bitundu byonna birowooza; omubiri gwo tegubirina, n'olwekyo olina kulowooza na mwoyo gwo. Olina okukubaganya ebirowoozo. Tosobola kukubaganya birowoozo na muntu wo ow'omubiri, kubanga okukubaganya

ebirowoozo tekulaba, wadde okulega, oba okukwatako, oba okuwunyiriza, oba okuwulira. Okukubaganya ebirowoozo ky'ekyo ky'osobola okukola mu birowoozo byo. Bw'oba weebase oba nga ozirise, omubiri gwo gubeera awo nga gufudde, naye omwoyo gwo gubeera gukyasobola okukubaganya ebirowoozo. Waliwo obusimu butaano obufuga omuntu oyo ow'omunda. Era obwo . . .

125 Kaakati, bwe tugenda ku muntu asembayo, nga ye mmeeme, oyo waliwo akasimu kamu kokka akamufuga, era akasimu ako ly'eddembe . . . eddembe ery'okwesalirawo oba okugaana.

126 Era kati ensonga lwaki abantu olwa leero . . . Kaakati, kati kino temukyerabira, era mu—mugenda kulaba Omutukuvu . . . obukakafu obusookerwako obulaga nti omuntu afunye Omwoyo Omutukuvu kye buli. Mukiraba?

127 Kati, abantu basobola okubeera mu mwoyo guno, ne bazinira mu mwoyo. Ne baleekaanira mu mwoyo. Ne bagenda ku kkanisa mu mwoyo, era basobolera ddala okuba n'Omwoyo wa Katonda yennyini nga y'afuka amafuta ku mwoyo ogwo, naye era ne babula era ne babeera nga bakozesebwa ddala ssetaani, n'omwoyo ogwo.

128 Kubanga, mulabeeyo, eyo y'ensonga lwaki wali tosobola kugamba mukazi oyo, eyali ayambadde empale ez'ekinu, nti mukyamu. Wali tosobola kumugamba nti kikyamu ye okusalako enviiri ze. "Naye, kati enviiri zo zirina kakwate ki nakyo?" Weewaawo, eri Samusooni zaalina akakwate nakyo. Okiraba?

129 "Oyo yenna alyongerako ekigambo kimu bwe kiti ku Kino, oba alitoolako Ekigambo kimu ku Kyo." Olina okuba n'eky'enkomeredde awantu awamu.

130 Kati, okugeza, ssinga mbadde mu—mu—mu—musajja Mubaputisiti, n'ojja n'oŋŋamba nti nteekwa—nteekwa okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo; kiri mu Bayibuli. Weewaawo, ekisooka kye nnandikoze, nnandikugambye nti, "Nja kubuuza omusumba wange."

131 Era nnandigenze ew'omusumba; n'aŋŋamba nti, "Ha, ekyo kyali kya biseera bya dda nnyo, okiraba. Weewaawo, okiraba, ffe Ababaputisiti, kino kye tukkiriza; tukkiriza nti tulina okunnyikibwa mu mazzi mu bitiibwa bya 'Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu.' Bw'etyo ekkanisa yonna bw'ezze ekikola. Okuva John Smith lwe yagitandikawo, bwe kityo bwe kibaddenga kikolebwa." Weewaawo, ekyo ky'eky'enkomeredde kyo. "Vva ku ebyo omusajja oyo by'ayogera!"

132 Watya singa obadde Mumesodisiti, nga okumansirako amazzi y'enkola yammwe, naye ne bakugamba nti oteekwa okunnyikibwa? Mulaba kye ntegeeza? Ojja kuddayo eri omusumba Omumesodisiti, era ajja kuwandiikira omulabirizi amubuuze, oba nga *gundi* yagamba *bw'ati* ku *kino*. "Naye ffe, ekkanisa y'Abamesodisiti, twatandikibwawo emyaka

nga ebikumi bisatu oba bina egiyise, mu Bungereza, nga twatandikibwawo John Wesley, ne Whitefield, n'abalala bonna abo abaaliwo, ne Asbury. Twabagawo ekiwandiiko kino, nga tugoberera John Wesley, nti tulina kumansirwako bumansirwa mazzi, kubanga ako kabonero bubonero ka kukya-. . .ka ku ngulu. Era tulowooza nti okumansirwako amazzi kye kimu ddala nga n'engeri eri endala." Bw'oba nga ddala. . .Ekkanisa y'Abamesodisiti bw'eba nga ky'eky'enkomeredde kyo, ekyo ky'ojja okutwala.

133 Bw'oba oli Mukatuliki. . .Kati nja kukugamba nti, tekiri mu Bayibuli obutalya nnyama ku buli Lwakutaano, n'ebintu bino byonna bwe biti, ne "Wukalisitiya Entukuvu si kagaati bugaati, kubanga Mwoyo," n'ebirala. Era ojja kugenda ewa faaza wo, faaza akugambe nti, "Kiikino wano, kiwandiikiddwa mu bulambulukufu mu kiwandiiko kyaffe." Ate ekkanisa bw'eba nga ky'eky'enkomeredde kyo, tojja kufaayo ku ekyo omulala yenna ky'agamba. Ekyo ky'eky'enkomeredde kyo.

134 Ai Katonda, nnyamba kino kinnyikire! Nze gyendi, ekintu kyonna kikyamu. Ekigambo kya Katonda ky'eky'enkomeredde. Ekyo kyonna Ekigambo ekyo kye kigamba, ekyo ky'ekituufu.

135 Kati, ekkubo lyokka erikutwala waggulu eno mu mitendera gino, n'osobola okubeera mu muntu ono ow'omunda; era oteekwa okuba nga wayawulibwa dda. Kubanga wali ne Katonda, oli kitundu ku Katonda.

136 Nnali mu kitange. Era nnali mu jjajjange omusajja, ne mu jjajja wa jjajjange omusajja. Mu abo mwe nnali, nga ensigo.

137 Era nnali mu Kristo. Wali mu Kristo nga ensi tennatondebwa. Yajja kununula Babe, Ababe abaali mu Ye. Aleruuya! Abaana Be abaali mu Ye!

138 Tajjangako ku—kulokola baana ba ssetaani. Abo tebalimanya Kigambo ekyo. Ate bakalabakalaba nnyo mu ngeri zaabwe ez'amagezi ag'obwongo, okutuusa nti tosobola kwegeraageranya nabo n'akatono. Tosobola kubasinga. Naye, olw'okukkiriza ggwe Ekigambo ekyo okiraba.

139 Kati, ssaayansi teyeetaaga kukkiriza kwonna. Ssaayansi akakasa kye boogerako. Teyeetaaga kukkiriza kwonna.

140 Faaza Omukatoliki ajja kukugamba nti, "Laba ebbanga ekereziya Katolika ly'emaze nga ekyayimiridde. Laba ebbanga ly'emaze nga eyimiridde wansi w'okuyigganyizibwa abakaafiiri."

Ekkanisa y'Abamesodisiti ekugambe nti, "Laba ebbanga lye. . ."

141 Nnina ekkanisa gye nnalabye. . .yogera ku kabonero ak'obunnanfuusi; jjo bwe nnabadde nzija, nnina ke nnalabye. Kaabadde kagamba nti, "Ekkanisa ya Kristo, yatandikibwawo mu mwaka gwa A.D. 33." Kyokka nga ekibiina ky'eddiini ekyo,

tekinnaweza wadde emyaka ekikumi, mukiraba. Ha, bannange! "Enjigiriza y'abatume"? Kyenkana tebalina yadde ekintu kyonna ekyekuusa ku njigiriza eyo. Be Basaddukaayo ba leero; tebalina Mwoyo, tebalina . . . Naye ekyo tosobola kukibagamba; tosobola kwogera nabo; tosobola kukubaganya nabo birowoozo.

142 Kubanga, ffe tusukka okukubaganya ebirowoozo. "Teweesigamanga ku kutegeera kwo ggwe." Okukkiriza tekukubaganya birowoozo n'akatono. Okukkiriza kukikkiriza.

143 Bagamba nti, "Kaakati, labayo wano, ggwe okkiriza mbu tulina okukola ebintu bino ebyakolebwa edda eri? Ebyo temuli makulu! Ebyo . . . "

144 Naye Bayibuli bw'egamba. Ssisobola kunnyonnyola ngeri gye kibaawo, naye kibaawo. Katonda bw'atyo bwe yayogera. N'olwekyo tolina . . . ssisobola kubaako kintu kyonna kye nkikunnyonnyolako. Okukkiriza tekunnyonnyola Kigambo. Ekyo mubadde mukimanyi? Okukkiriza kukikkiriza bukkiriza.

145 Yesu yagamba Nikoodemo, okuva mu kakiiko k'Aba- . . . akagatta amadiini ak'omu biro Bye; yajja gy'Ali ekiro, n'amugamba nti, "Omuyigiriza, tukimanyi nga Oli Muyigiriza eyava eri Katonda, kubanga tewali muntu ayinza kukola bintu by'Okola, okuggyako nga Katonda ali naye."

146 Ye n'amugamba nti, "Ddala ddala, nkugamba nti, 'Okuggyako nga omuntu azaaliddwa omulundi ogw'okubiri, tasobola yadde okulaba Obwakabaka bwa Katonda.'"

147 Kko ye nti, "Nze, omusajja omukadde, nnyingire mu lubuto lwa mmange, nzaalibwe?"

148 Yesu n'amubuuza nti, "Kaakati nnaakubuulira ntya ebintu eby'omu Ggulu, nga n'eby'okunsi byennyini tobikkiriza?" Mukiraba?

149 N'era lumu, n'Agamba nti, "Bwe mutalya mubiri gwa Mwana wa Muntu, ne munywa n'Omusaayi Gwe, temulina Bulamu mu mmwe." Teyakinnyonnyola.

150 Abatume abo n'abo abaaliwo mu kiseera ekyo, abaali baayawulirwa okufuna Obulamu; Yali abamanyi. Yagamba nti, "Abo bonna Kitange be yampa balijja. Ekintu kyokka ky'olina okukola kwe kumanyisa Eddoboozi Lyange; balimanyi, kubanga endiga Zange zimanyi Eddoboozi Lyange." Era eddoboozi kye kigambo ekyatuddwa. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] "Bo mu buli ngeri, bakikkiriza. Tebeetaaga kubaako kintu kyonna kye bakakasa mu ngeri ya ssaayansi, oba okubaako Omussaddukaayo oba Omufalisaayo yenna gwe babuuza, oba ekintu ekirala kyonna, ku kyo. Nnakyogera, era bakikkiriza, kubanga endiga Zange ziwulira Eddoboozi Lyange."

151 Era *Kino* lye Ddoboozi lya Katonda nga liri mu buwandiike, kubanga *Kuno* kwe kubikkulirwa kwa Yesu Kristo kwonna mu

bujjuvu bwakwo, Endagaano Enkadde n'Endagaano Empya nga obigasse wamu. Amiina. Ky'ekyo.

152 Lwaki? Oyinza okugamba nti, "Bano bantu balungi. Kiki ekibafuula. . . " Kubanga, kiri ekintu kimu, empagi yaabwe enyweza byonna ye kkanisa. Era munda wano. . . Mujjukira kye twayogerako Ssande eyayita, wiiki nga emu emabega; bameka abaali wano abaawulira obubaka obukwata ku *Abafukeko Amafuta Mu Nnaku Ez'Oluvannyuma*? Ndowooza mwenna. Mukiraba, baafukibwako amafuta. Emyoyo gyabwe gyafukibwako amafuta, mu mutendera *guno* ogw'okubiri.

153 Kati, omukazi oli asooka agamba. . . Nedda, tafaayo ku kintu kyonna ekkanisa ky'egamba, oba omuntu omulala yenna kye yagamba. Mukazi mwogi wa bwongo. Alina obuyigirize bwa yunivasite. Asobola okukikisa bba, n'alowooza nti mu kukola ekyo mugezi.

154 Omukazi ono omulala "ali bwereere, muzibe wa maaso, naye takimanyi." Ha, kya nnaku, naye ekyo ky'ekifaananyi Bayibuli ky'etusiigira. Kati, agenda ku kkanisa. Omukazi oyo, ob'olyawo yandibadde mulungi okusingako awo, omukazi oyo yandibadde. . . Atambulira mu bulamu obulungi, obulongoofu; ekyo sikirinaako nsonga yonna. Katonda y'alibeera Omulamuzi waakyo. Nze ssimanyi; si nze Mulamuzi.

155 Nze ndi. . . nvunaanyizibwa ku ekyo kyokka ky'Andaga. Ekyo abatume kye baayogera. "Twogera kye tumanyi, kye twawulira, kye twalaba." Ekyo kye kyokka kye nvunaanyizibwako. Kye kyokka ky'ovunaanyizibwako.

156 Naye kaakati, mulabeeyo, bw'olondoola omukazi oyo y'omu. . . Yakomekkerereza wa? Mukiraba? Yeeyongerayo mu maaso bw'atyo. Ateekwa okuba, nga yawulira; yateekangako leediyo, emirundi mingi. Eddoboozi lya Katonda libaddenga lyogera, emirundi mingi. Naye, kaakati, mulabeeyo, yajja n'ayingira mu nzikiriza eno ey'obulimba, akakuukuulu k'abantu. Amakanisa gonna bukuuukuulu bwa bantu. Buli kimu, ekyo ddala kye gali, bibiina bya bwegassi abantu mwe bakuŋŋaanira awamu nga bammemba. Era ajja erudda wano; weewaawo, n'atebenkera bulungi. Kati singa kakutanda n'ogezaako okumugamba ky'alina okukola, tajja kukuwuliriza. Ojja kukimulaga mu Bayibuli; naye tajja kukiwuliriza.

157 Kaakati, muganda wange omwagalwa, naawe mwannyinaze, ensonga endala nga emu oba bbiri nga tetunnamaliriza. Wabulayo eddakiika kkumi na ttaano, okuwera essaawa ze tulina okufulumiramu; eddakiika kkumi na ttaano.

158 Kaakati mulabeeyo, njagala mbeeko ne kye mbabuuza. Lwaki omukazi oyo tasobola kukiraba? Lwaki tasobola? Ku kikwata ku ky'okubeera mu bwenzi obw'omubiri, eri bba, talina musango; talina kya kwatula. Mulongoofu ddala nga bwe yali ku lunaku lwe yazaalibwa; tewali musajja yali amukutteko.

159 Kati njogera nga ngeraageranya, omukazi, n'ekkanisa. Mulongoofu ddala nga bwe yazaalibwa. Kati, ekyo kyennyini ekkanisa ky'eri, nga bwe yazaalibwa, naye "yazaalibwa mu kibi, n'abumbibwa mu bujeemu, n'ajja . . . " Mulaba kye ntegeeza?

160 Kaakati mugambe nti kikyamu ye okusalako enviiri ze; bw'etyo Bayibuli bw'egamba. Kikyamu ye okwambala ebinu ebyo; bw'etyo Bayibuli bw'egamba. Ajja kugamba nti, "Ebyo temuli makulu." Lwaki? Eky'enkomeredde kye tekiri munda *wano,* mu muntu oyo ow'okusatu, emmeeme eyayawulibwa era eyatumibwa okuva eri Katonda. Naye eky'enkomeredde kye kiri wabweru *wano* ku kibiina ekigunje, omuntu omu kye yagunjaawo wabweru wa Kino. Mukiraba?

161 Naye Ekigambo kya Katonda bwe kibeera munda mu mmeeme eyo, egamba nti, "Amiina! Nkiraba." Ekkiriziganya na Kyo. Kaakati mulabeeyo wano. N'olwekyo, omuntu eyazaalibwa Omwoyo wa Katonda . . .

162 Mukiraba, *guno* gwe mubiri ogw'okungulu. Kati njogera mu kibiina ekirimu abantu ab'enjawulo, ŋŋenda kwogera nga—nga omusumba wammwe, era nga muganda wammwe. *Guno* gwe mubiri, munafu, guteekwa buteekwa oku . . . Singa wabaawo omuwala omuto ajja atambula mu luguudo; n'omuvubuka omuto ali mu myaka egy'ekivubuka, nga ali awo mu myaka nga kkumi na musanvu, kkumi na munaana, abiri, abiri mu etaano, asatu, n'ajja nga atambula . . . Omuwala ono omuto n'ajja, nga bw'agenda abigula, omubiri gwe, nga bw'atambula nga ayambadde engatto eza kakondo; nga yenna ekifuba kiri mu maaso n'akabina kasongodde emabega; nga ayambadde akateeteeyi kakunukkidde kakoma *eno* waggulu w'amaviivi, oba nga ayambadde empale ennyimpi. Mukimanyi nti Bayibuli egamba nti ajja kweyisa bw'atyo? Mukimanyi nti, Bayibuli egamba nti bw'atyo bw'alyeyisa, nga aliba museegu nnyo.

163 Kino mwabadde okukisomako wano, mu katabo ka *Readers Digest* ak'omwezi guno, nti, "Abasajja n'abakazi ab'omu kiseera kino, abawala abato, okuva ku myaka nga abiri oba abiri mu etaano, tebakyagenda mu nsonga," nti oyita mu nkyukakyuka y'obulamu mu myaka egy'obuvubuka, okusinziira ku ssaayansi, wakati w'emyaka abiri n'abiri mu etaano. Mu myaka gyange, kyabeerangawo mu myaka nga asatu oba asatu mu etaano. Mu myaka gya mmange, omukazi teyalekeranga awo kugenda mu nsonga nga tannaweza myaka nga ana oba ana mu etaano.

164 Kiva ku ki? Kiva ku ssaayansi, n'emmere, n'okugattikagattika endyo z'ebintu, bye bikyamizza omubiri gw'omuntu gwonna okutuusa lwe tufuuse entuumu ya—ya—y'obwonoonefu. Kaakati, omubiri gw'omuntu bwe guba gwonoonese, olwo obutoffaali bw'obwongo obuli mu muntu oyo bwo tebwonoonese?

165 Kaakati mulabe Omwoyo, bw'akirondoola. Wajja kujja ekiseera, mu Linnya lya Mukama waffe, abantu lwe banaatabukira ddala emitwe. Bw'etyo Bayibuli bw'egamba. Bajja kuleekaana bawoggane; olw'ebintu ebibi ennyo eby'entiisa mu birowoozo byabwe. Leediyo n'ebintu ebirala, pulogulaamu zaffe eza ttivi, zibiweereza. Wajja kubaawo ebintu nga ebiwuka ebinaagolokoka ku nsi, ebinaaba byenkana nga emiti kkumi n'ena obuwanvu; wajja kubaawo e—e—ekinyonyi ekinaabuukira ku nsi, nga kirina ebiwaawaatiro bya mmayiro nga nnya oba ttaano obugazi; era abantu bajja kubiraba, baleekaane era bawoggane, nga bakaabira okusaasirwa. Naye biriba Bibonyoobonyo. Mulinde lwe ndibuulira ku Bibonyoobonyo ebyo nga bibikkulwa.

166 Mulabe Musa kye yakola wansi w'omuntu ow'omubiri, so si wansi w'Omwoyo, bwe Yagamba nti, "Musa. . . " Katonda yagamba Musa nti, "Gendayo," nga agamba nnabbi We, "yoola olubatu lw'enfuufu, ogikasuke mu bbanga ogambe nti, 'BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, enkukunyi zigenda kujja ku nsi.'" Tewaaliwo nkukunyi. Naye mu kaseera katono, ne batandika okulaba ekintu ekyewalula mu muddo. Okuzza amaaso erudda, nga waliwo ekintu ekirala. Mu kaseera katono, nga zijjudde buli wamu nga tosobola na kuziyitamu.

167 Zaava wa? Katonda ye Mutonzi. Asobola okukola kyonna ky'Ayagala. Alina obuyinza obw'enkomeredde. Asobola okukola e—ekinyonyi ekisobola okwanjuluza—okwanjuluza ebiwaawaatiro byakyo okuva ku luuyi olumu olw'ensi okutuuka ku luuyi olulala.

168 Yagamba nti, "Leka wabeewo ensowera, zanjaale ku nsi yonna." Tewaaliwo nsowera n'emu mu kitundu ekyo. Mu kaseera mpa we kaaga, ne walabika ogusowera ogunene ne gutandika okwetooloola. Okugira kuti, nga ziweze nga munaana oba kkumi, oba kkumi na bbiri. Mu kaseera mpa we kaaga, nga tosobola na kuziyitamu. Katonda, Omutonzi, akuuma Ekigambo Kye.

169 N'agolola omuggo gwe, okusinziira ku kiragiro kya Katonda, n'agamba nti, "Leka ebikere bijje bijjule ensi." Ebikere ne bijja okutuusa lwe byetuuma, mu ntuumu, buli wamu wonna ne waba ekivundu, fuuti nga ana oba ataano obugulumivu, nga bikere byereere. Byali mu kabada ya—ya Falaawo. Byali mu. . .nga bw'obikkula essuuka, osobola okusangayo ebikere nga ebikumi bitaano, wansi w'essuuka, wansi w'ekitanda, mu mmere. Buli we baagendanga, nga wonna wajjuddewo bikere, bikere, bikere. Byava wa? Katonda, Omutonzi, alina obuyinza obw'enkomeredde. Ky'Agamba, Ajja kukikola!

170 Era Yagamba nti walibaawo ebintu eby'entiisa ku nsi. "Enzige ezirina enviiri nga ez'abakazi," enviiri empanvu, okutulugunya abakazi abasalako enviiri zaabwe. "Amannyo nga

ag'empologoma; empiso mu mikira gyazo, nga ziringa enjaba ez'obusagwa; okuluma abantu okumala emyezi n'emyezi." Mulindeeko bwe tunaatuuka mu kubembula Ebibonyoobonyo ebyo n'Obubonero, n'Ebibwatuka Omusanvu ebyo, mulabe ekiribaawo. O, ow'oluganda, wandibadde oyingira Goseni nga obudde obw'okuyingira Goseni bukyaliwo. Tofa ku bintu bino eby'ebweru.

171 Mulabeeyo wano. Wuuno omuwala omuto agenda abigula mu luguudo; n'omuvubuka omuto wuuno wano, amaaso ge ne galaba omuwala ono. Omuvubuka mmemba wa kkanisa. Mupentekoote. Oba kyonna ky'ali. Naye okusooka kwa byonna, munda mu *ye* taliimu mpagi yonna kwe yeekutte. Omuwala ajja kumugamba nti, "Nkulamusizza." Omuvubuka alina enviiri ez'amayengo, alabika bulungi, alina ebibegabega ebigolokofu; ob'olyawo agezezzaako okutambulira mu bulamu obulongoofu. Omuwala atambule ajje gy'ali, omuvubuka oyo ayinza n'okuba nga mubuulizi. Ekiddirira . . .

172 Kiba ki? Omuntu ono *wano,* okwegomba kw'omubiri; n'omwoyo oguli munda *wano,* wadde nga gwafukibwako amafuta, gujja kumugamba nti, "Tokikola, tokikola." Naye omubiri gunaakola ki? Gujja kugenda bugenzi mu maaso, gumufuge, gugende mu maaso. Ekinaddirira, agezeeko okumusaba basisinkane. Omuvubuka oyo alina omusango gw'obwenzi, oba amukwatako oba nedda.

173 Naye, omwana wa Katonda yennyini, eyazaalibwa ogw'okubiri! Amiina! Ekyo tosobola kukikola ku bubwo. Tekiyinzika n'akatono eri o—omusajja alina omusaayi omumyufu okugenda eri omukazi afaanana bw'atyo, ne watabaawo kibaawo. Naye bwe wabaawo Ekintu munda; Ekintu ekyo ekyazaalibwa omulundi ogw'okubiri *wano*!

174 Wadde omusajja oyo ayinza okuba nga yaleekaana, n'ayogera mu nnimi, n'abuukabuuka, n'azina amazina, na buli kimu kyonna, nga yafukibwako amafuta ag'Omwoyo; nga yakola obubonero bwonna n'ebyewuunyo Katonda bye yayogera munda omwo, ku bw'Omwoyo We! Yesu yagamba nti, "Bangi balijja Gyendi ku lunaku luli, nga bagamba nti, 'Mukama wange, ssaalagula mu Linnya Lyo? Ssaagoba emizimu mu Linnya Lyo? Ssaa . . .'" Yagamba nti, "'Muve wendi, mmwe abakola obujeemu.'" Obujeemu kye kiki? Kye kintu ky'omanyi ky'olina okukola, naye n'otakikola. "'Muve wendi, mmwe abakola eby'obujeemu; ssibamanyangako.'"

175 Naye munda mu musajja oyo, empagi eyo enyweza byonna bw'eba mw'eri munda omwo, Ensigo ya Katonda eyo eyateekerwateekerwa nga n'ensi tennatondebwa; sifaayo kiki ekibaawo, emunyweza. Ebeerawo lubeerera.

176 Eyo y'ensonga lwaki omukazi oli ajja kwambala empale ezo ennyimpi. Atwalibwa nga malaaya, mu ngeri y'emu nga omukazi

oli akola ekikolwa. Mukiraba? Takimanyi nti omwoyo ogwo. . . Akimanya atya? Eky'enkomeredde kye.

177 Eky'enkomeredde kye kiki? Kye kigambo ekisembayo. Eky'enkomeredde ye amiina. Ky'ekimala empaka zonna, eky'enkomeredde kyo.

178 N'olwekyo ekkanisa yo, ekkanisa y'Abapentekoote, bw'ekugamba mbu, "Enviiri empanvu n'ebirala bwe bityo bya buzoole. Obeera weetisse mupiira gwa sipeeya, emabega ku mutwe gwo," n'ebirala bwe bityo, eby'engeri eyo, omusajja oyo ssetaani y'abeera amukozesa.

179 Kubanga, Ekigambo kya Katonda kigamba nti, "Kya nsonyi omukazi okusalako enviiri ze. Ajja kuweebuula omutwe gwe." Bw'aweebuula bba, ate nga bba ye Kkanisa, era Ekkanisa ye Kristo, abeera malaaya munnaddiini aweebuula; ali obwereere, naye nga takimanyi. Ali bwereere! Bayibuli tegamba nti, "Eky'okwebikkirira ky'omukazi z'enviiri ze"? Enviiri si ze zaamuweebwa okubeera eky'okwebikkirira?

180 Lumu, emitala eri mu Kaguli awasalirwa Omusango! Ngezezzaako okubayiwamu Eddagala, ne ndikwata n'emikono gyange muleme okulizza, naye mulyegoze ne muliwandula mu ngalo zammwe. Lumu Katonda alibasalira omusango. Ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Tebubadde busirusiru, oba nnamukadde omutabufu w'omutwe eyeeyitiriza. Si kye buli. Kubanga, ekyo ky'Ekigambo kya Mukama waffe.

181 Era Omukristaayo yennyini, owa nnamaddala ajja kukkiriziganya n'omuntu oyo ow'omunda, Omwoyo oyo eyaliwo edda eri ku lubereberye, nga kye Kigambo.

182 Nga bwe Yali okutuukirira kwo kwonna, wali mu Ye edda eri e Kalivaaliyo. Yakumanyirawo edda nti olibeera wano. Yalaga bulazi kifaananyi ky'ekyo ekyalina okubaawo. Naye wali mu Ye; wafa Naye. Wafa eri amalala go, wafa eri emisono gyo, wafa eri ensi. Bwe Ya. . . Wafa Naye e Kalivaaliyo, era wazuukira wamu Naye bwe Yazuukira ku lunaku olw'okusatu. Era kubanga wakikkiriza, kaakano otudde mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu. Aleruuya!

183 Ky'ekyo. Omuntu oyo ow'omunda y'ensonga enkulu. Oyo ow'omunda anakkaatiriza Ekigambo, n'anyweerera ku Kigambo, ssi nsonga kiki ekibaawo. Tosobola kukyebeera. Ekyo nnakiyiga, emyaka mingi egiyise.

184 Omwana wange omuto bwe yali agalamidde wano, nga afa. Mukyala wange bwe yali agalamidde wano mu. . . mu—mu ggwanika, nga bamukubye eddagala ery'okumuziraga. Bampita ŋŋendeyo, era Sharon yali afa. Ekyo kye kikemo ekikyasinzeeyo okuba ekizibu kye nnali nsisinkanye mu bulamu bwange. Nnalina emyaka nga abiri mu etaano. Natambula ne ŋŋendayo, era Billy Paul yali ku ndeboolebo ya kufa.

185 Dokita Sam yajja, n'aŋŋamba nti, "Bill, ssirowooza nga Billy tunaamutaasa. Ne. . ." N'agamba nti, "Ali bubi nnyo." N'aŋŋamba nti, "Bill, bambi nkusaasira." N'anneetoolooza emikono gye.

Ne mmugamba nti, "Dokita, ssikyalina maanyi wadde."

186 Waayitawo essaawa nga ziizo, ne mmuyitira, omwana wange, Sharon, ne mmuddusa ne mmutwalayo, n'a . . . amulabe kubanga yali yeesika; nga talekera awo. Ne bamukuba empiso mu lukizi; ne balufumitamu, ne bakebera nga alaga akabonero, k'omusujja gw'oku bwongo. Ekyo kye kyankutula.

187 Ne mpaguza okunoonya we mpita ntuuke mu ddwaaliro; ne nsimba emmotoka yange enkadde wabweru, ne nfuluma ne ntandika okutambula okugenda mu kasenge. Sam n'avaayo n'ajja nga afuluma, nga akutte enkofiira ye mu ngalo, nga bw'akaaba, n'anneetoolooza emikono n'aŋŋamba nti, "Bill, komawo."

Ne mmubuuza nti, "Ate mutawaana ki?"

N'aŋŋamba nti, "Tosobola kumulaba." N'agamba nti, "Omwana afa, Bill."

Ne mmugamba nti, "Nedda, Sam, si mwana owange."

188 N'aŋŋamba nti, "Weewaawo." N'aŋŋamba nti, "Totawaana na kumusabira, Bill. Ne bwe yandibadde wa kulama," n'agamba nti, "yandibadde mu kunyigirizibwa." N'agamba nti, "Bulijjo ajja kubeera mugogobavu, era ajja kubeera mu kunyigirizibwa obulamu bwe bwonna." N'aŋŋamba nti, "Alina omusujja gw'okubwongo." N'agamba nti, "Togeza na kumusemberera; bw'onookikola Billy ojja—ojja kuba omusse."

Ne mmugamba nti, "Sam, nnina okumulaba."

189 N'aŋŋamba nti, "Tosobola kukikola, Bill. Nku—nkugaanye. Kati, omanyi bwe nkulumirirwa, era oli mukwano gwange na buli kimu," n'agamba nti, "omanyi bwe nkulumirirwa," n'agamba nti, "ne bwe nkukkiriza, Bill," n'agamba nti, "naye to—togeza n'ogenda eri omwana oyo." N'agamba nti, "Bw'onookikola, . . . Yenna ajjudde omusujja gw'oku bwongo." Mukiraba? N'agamba nti, "Mu ddakiika ntono agenda kufa," n'agamba nti, "osobola . . . era tujja kumuziika." N'agamba nti, "Bill, bambi nkusaasira."

190 N'ayita, n'agamba, n'abaako nnansi gw'ayita, n'amulagira abeeko eddagala ly'ampa. N'agamba nti, "Simanyi musajja ono bw'ayinza kuba nga akyayimiridde."

191 Ne nnyimirira awo okumala akaseera. N'aleeta eddagala. Ne ntuula wansi, mu kizimbe. N'aŋŋamba nti, "Tuula wansi." Nnansi n'aleeta eddagala, n'aŋŋamba nti, "Nywa eddagala lino, Ow'oluganda Branham."

192 Ne mmugamba nti, “Weebale. Ogira olitadde awo.” Bwe yavaawo bw’ati, ne ndiyiwa mu kakebe mwe bawandula; ggiraasi ne ngizzaawo wansi.

193 Ne ntuula awo. Munda mu nze ne nneebuuza nti, “Ayi Katonda, nkoze ki? Oli Katonda omulungi. Lwaki Omulese afe, nga luli, nnali mmusitudde mu ngalo zange bwentyo?” Nga mmwegayirira ku lwa muwala wange. “Lwaki Omulese n’agenda? Billy wuuli agalamidde eri, afa; kyokka ne muwala wange wuuno wano, afa. Nkoze ki? Mbuulira! Kati, kisingako nange ne ŋŋenda nabo.”

194 Ne nzigulawo oluggi, nga tewali nnansi yenna aliyo. Ne nneesolossa ne nzikirira mu mwaliiro ogusembayo wansi. Ekyo kyaliwo mu kiseera nga eddwaaliro terinnaddaabirizibwa. Endabirwamu, nga amadirisa tegaliimu ndabirwamu, kyenkana, nga bambi yenna ajjudde ensowera ku maaso. Yalina akatimba k’ensiri, nga bwe tukayita, nga yenna kamubisse ku maaso. Ne mmugobako ensowera; nga ali awo agalamidde. Obuuso bwe bambi, bwalumwa nnyo okutuusa lwe bwafuna endali.

195 Mu kaseera ako Ssetaani n’ajja wendi, n’aŋŋamba nti, “Kkozi wagamba nti Ye Katonda omulungi?”

Kko nze nti, “Weewaawo, ekyo nnakyogera.”

196 “Wagamba mbu Ye Muwonya? Kati, lwaki kitaawo yakufiira mu mikono gyo eri, nga mwonoonyi, kyokka nga wamukoowoola, nga olaajana ku lw’obulamu bwe? Lwaki muganda wo yafiira mu mikono gya muganda wo oli omulala, erudda eri, nga oyimiridde ku kituuti obuulira, wiiki ntono eziyise?” N’aŋŋamba nti, “Kati lwaki Teyakwanukula? Wagamba nti Yakwagala era yakulokola.”

197 Yali tasobola kuŋŋamba nti Katonda taliiyo, kubanga nnali nnamulaba. Naye yali aŋŋamba nti Tanfaako.

198 N’agamba nti, “Mukyala wo wuuli agalamidde wali. N’abaana bo mu kaseera katono bagenda kubeera wali. Kitaawo yaziikibwa. Muganda wo yaziikibwa. Kati ne mukyala wo agenda kuziikibwa, enkya. Ate n’omwana wo omulala wuuno, afa. Ye Katonda omulungi? Huh? Ye Muwonya?” N’aŋŋamba nti, “Weerimba!”

199 Kyakola ki? Okuva . . . kati, awo kyali kikola kuva wabweru, ku muntu ono asooka.

200 N’aŋŋamba nti, “Kaakati labayo. Omanyi, bwe wali emyaka mitono egiyise, Kino bwe wali tonnakikkiriza, abantu baali bakulowoozaako bulungi. Wali otambulira mu bulamu obulungi, obulongoofu. Buli muwala yenna mu kibuga, eyayagalanga okutambulako, yayagalanga kutambulako naawe, kubanga kyamuleeteranga okuwulira nga mulongoofu era nga assibwamu ekitiibwa. Nnali nsobola okuyimirira mu maaso g’omuwala yenna. Ssirina n’omu ku bo gwe nnagamba kigambo kitali

kirongoofu. Nga asobola n'okwefuula omugezi, ne mmutwala eka. "Era wali oyagalwa mu bantu. Naye kati oli kiki? Munnaddiini omuzoole."

201 "Ekyo ddala bwe kiri. Bwentyo bwe nnali." Mulaba ebintu bino bwe bigenda byetuuma awamu? Omuntu ow'okungulu, okukubaganya ebirowoozo mu mwoyo, nga bigenda bigatta wamu ebintu bino. "Ekyo kituufu, Ssetaani."

"Kozzi wagamba nti Ye Muwonya?"

"Weewaawo. Hum. Weewaawo."

202 "Ne weegayirira n'okaaba, abantu ne bakugamba nti si bwe kiri, nti wawunguttuka. N'ekkanisa yo yennyini ne bakugoba, olwa Kino. Ekkanisa yo yennyini ey'Ababaputisiti emmanga eri, baakugobera wabweru, olw'ensonga y'emu eyo."

"Weewaawo."

203 "Kitaawo yaziikibwa. Muganda wo yaziikibwa. Mukyala wo ali wali agalamidde, agenda kuziikibwa. Omwana wo wuuno wano, mu ddakiika endala nga kkumi na ttaano ajja kuba agenze. Era Akyali Muwonya? Omubiri gwo gwennyini n'omusaayi; Ekigambo kimu bwe kiti okuva gy'Ali kyanditaasizza obulamu bw'omwana oyo. Wagamba mbu, 'Ye Muwonya.' Abantu baagezaako okukugamba. Omubuulizi yakugamba nti wali otabuse omutwe; ogudde eddalu; ofuuse munnaddiini omuzoole. Naye ggwe n'ogamba nti Yakwagala. Ddala Asobola okukwagala?

204 "Bannaaye nga wakaabira kitaawo! Nga, wasiiba, buli kiro, ne we. . . manya nga wasiibanga emisana, n'osaba, osobole okufuna amaanyi agawalampa ekikondo ky'amasannyalaze, okole. Naye Ye n'amuleka n'afiira mu mikono gyo, nga mwonoonyi.

205 "Mukyala wo, nga abadde mukazi mulungi, era nga obadde omwagala okukamala!" Maama wa Billy; bangi ku mmwe Hope mumujjukira. "Nga yali muwala mulungi okukamala! Nga mwali basanyufu nnyo, mu maka gammwe ag'ekyavu erudda eri; n'ebintu bya ddoola nga musanvu oba munaana, eby'omu nnyumba, nga bye byokka bye mulina, naye nga omwagala; era nga o. . . nga mwagalana. Era wagendanga n'osabira abalala; ne, babaako enneewulira ey'omu bwongo gye bafuna, ne basituka ne bagamba mbu bawonyezeddwa. Naye kati mukyala wo yennyini; wuuyo awo, mufu, kati lunaku lwa kubiri, agalamidde mu ggwanika ly'emirambo emmanga eri, erya ba Scotts and Combs. Ogamba Ye Muwonya? Huh?

206 "Ne katabani ko kali ku ndeboolebo za kufa, ka Billy Paul, ku myezi kkumi na munaana gyokka. Ne kawala ko, ku myezi munaana gyokka, kagalamidde wano, nga kafa olw'omusujja gw'oku bwongo. Era osabye n'osaba; naye Katonda n'asika essuuka n'ekka wansi n'ekuziyiza, n'akugamba

nti, 'Sirika!' Tawulira, era tajja kukuwulira, n'akatono! Akukubye omugongo. Oyo gw'oyita Katonda omulungi? Huh? Akwagala? Era buli muwala yenna gwe wali obaddeko naye, na buli mulenzi gwe wali okolaganyeko naye, mikwano gyo enfiirabulago, bonna bakwabulidde nga bagamba nga bw'oli munnaddiini omuzoole."

207 Buli kimu kye yali aŋŋamba gaali mazima. Buli kye yayogeranga kyonna, nga ddala bwe kiri, mukiraba, *wano*. Mu kaseera ako nnali nnaatera okugamba nti, "Kati, bw'aba nga bw'Atyo bw'agenda okukola, awo nange sijja kumuweereza."

208 Ekyo mba nnaakakyogera nti, waliwo Ekintu ekyajja okuva awantu awamu, munda ddala eri. Ne kimbuuza nti, "Ye ggwe ani, okusooka kwa byonna? Mukama ye yawa, era Mukama y'aggyeewo." Mukiraba, oyo ye muntu oli ow'omunda, takubaganya birowoozo n'akatono.

209 Ne nkyuka ne nneetegereza obulamu bwange, mu nze ne nneebuuza nti, "Nnajja ntya ku nsi? Nnava mu kibinja ky'abatamiivu. Nnajja ntya wano? Ani yampa obulamu? Ani yampa omukyala oyo? Ani yampa omwana oyo? Mukyala wange yava wa? Obulamu bwange bwava wa?" Ne ŋŋamba nti, "Ne bw'Anzita, era nja kumwesiga."

Ne ŋŋamba nti, "Nviira, ggwe Ssetaani!"

210 Ne nteeka omukono gwange ku mwana. Ne ŋŋamba nti, "Sharon, mukwano, ŋŋenda kukuganzika mu mikono gya maama wo mu kaseera katono, Bamalayika ba Katonda bwe banaaba bazze okukutwala, naye lumu taata aliddamu n'akulaba. Ssimanyi bwe kiriba, mukwano. Ssisobola kukugamba bwe kiriba; kubanga Ankubye omugongo Gwe, agaanye n'okumpulira ku lulwo."

211 Yaleka mukyala wange n'afa, nga mmusitudde mu ngalo zange, nkaaba ku lulwe. Ne kitange, mu mikono gye, yafiira ku mukono guno *wano*; nga antunuulidde, agezaako okubaka omukka. Ate nga nnasaba nnyo ddala nga bwe nsobola. Nnaayinza ntya okuddayo eri abantu, okubuulira okuwonyezebwa okuva eri Katonda? Nnaayinza ntya okubuulira nti Ye Katonda omulungi, nga alese kitange n'afa, nga mwonoonyi? Nnaayinza ntya okukibuulira? Ssimanyi bwe nnaakibuulira, naye mmanyi nti Ye mutuufu.

212 Ekigambo kya Katonda tekiririremererwa. Kijja kuwangula, ka kibeere kiki. Mu kaseera ako ne nkitegeera nti waaliwo Ekintu munda mu kukubaganya ebirowoozo kwonna, Ekintu munda mu nneewulira zonna, na buli kimu kyonna bwe kityo. Waaliwo Omuntu ow'omunda eyasigala nga munywevu mu kaseera ako. Tewali kirala kyali kiyinza kukikola; buli kukubaganya birowoozo kwonna, buli kimu kyonna ekyali kisobola okulagibwa, buli kimu kyonna kyali kikakasa nti Kyali kikyamu, era nange ndi mukyamu. Naye Ekigambo kya

Katonda, ekyateekerwateekerwa nga n'ensi tennatondebwa, kyanywezebwa munda.

213 Nnawulira Akawewo nga kayita mu kizimbe. Omwoyo gwe ne gugenda okusisinkana Katonda.

214 Muganda wange, mwannyinaze, leka nkubuulire, Ekyo kye kintu kyokka. Togezaako kukikubaganyaako birowoozo. Togezaako kubeera na nviiri mpanvu kubanga bwentyo bwe ŋŋambye. Togezaako kukola bintu bino, kubanga, nga obikolera mu mubiri gwo. Togezaako kubikola, kutuusa mukolo nti obikoze. Naye lindirira mu maaso ga Mukama, okutuusa lwe wanaabaawo Ekintu munda eri!

215 Bangi ku mmwe mulowooza, mbu kubanga olina enviiri empanvu, nti ekyo kitegeeza ogenda kugenda mu Ggulu. Ekyo si kye kitegeeza. Bangi ku bo balowooza, mbu kubanga oli mukazi mulungi, wa mpisa, mbu ogenda kugenda mu...?...Ekyo si kye kitegeeza. Bangi ku bo balowooza, mbu kubanga amakanisa gaabwe, ga mmemba mu *kino,* n'ebibinja *bino* eby'amaanyi, era balina ba dokita ab'amaanyi mu by'Eddiini. Ekyo si kye kitegeeza. Mukiraba?

216 Bangi balowooza nti, kubanga boogera mu nnimi, mbu olwo balina Omwoyo Omutukuvu. Ekyo si kye kitegeeza. Wadde, Omwoyo Omutukuvu ayogera mu nnimi. Wabula okutuusa nga Omwoyo Omutukuvu oyo yennyini, owa nnamaddala munda mu ggwe akkaanya na buli Kigambo! Omwoyo Omutukuvu oyo akulimu, akuleetera okwogera mu nnimi, bw'aba akuba enkyukira n'atakkiriziganya na Kigambo ekisigadde, awo gubeera mwoyo mukyamu. Mukiraba?

217 Alina kuva munda, nga kye Kigambo, okuva ku lubereberye. "Ku lubereberye lw'okutonda kwa Katonda," Katonda bwe yatandika okutonda, akuleetere okubaawo, okiraba. Watandikira mabega eri nga ensigo, n'ojja nga weeyongera okukula okutuusa w'oli kati. Naye, kati, wenna wali mu Kristo. Era Kristo bwe yafa, Yafa okukununula wenna nga bw'oli. Era oli kitundu ku Kigambo *kino*, kati kiyinzika kitya... Bayibuli, yonna mu bulamba bwayo! "Kiteekwa kuba kiragiro ku kiragiro, lunyiriri ku lunyiriri; wano katono, ne wali katono." "Tewali wadde akatonnyeze oba akatundu akanaalemererwa." Kaakati ddala oyinza otya, ggwe ekitundu ku Kigambo ekyo, obutakkiriziganya na Kyo kyonna, oba ekitundu kyonna ku Kyo?

218 Mukama abawe omukisa. Kati obudde mbusussizza. Kino ssigenderedde kukikola, okubalwisaawo ennyo bwentyo. Mbeetondera olw'okubalwisaawo; naye sseetonda olw'ebyo bye njogedde.

Tuli ku nkomerero y'ekintu ekimu kwennyini, ab'emikwano.

219 Mwenna abali wano, ndowooza, muli bammemba ba kkanisa wano. Sitera kujja, nga bukyali, kulaba bammemba

be b'ani. Ndowooza mwenna musabira wano. Munzikirize mbeeko ne kye mbabuulira ekyabaawo. Musobola okumpaayo, ka tugambe, eddakiika endala nga mukaaga? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

220 Oyo gwe ndaba ye Levirandi Mw. O. Walker okuva mu Oregon, eyali wano Ssande eri gye—gye nnali wano? Waliwo amanyi ekyabaawo? Kyali kintu kikulu nnyo, ekyewuunyisa.

221 Nnajja wano, waaliwo abantu bangi nnyo, na—nnalina . . . Nnalina entuumu y'obupapula bw'abantu abasaba mbasisinkane era buli omu ku bo yalina ensonga ddala erimu eggumba; batabani baabwe, abaana baabwe, baali bayingidde mu bufumbo, abalala nga batamiivu, ne—n'ebintu eby'enjawulo, era ebintu ddala eby'ensonga. Buli omu ku bo yalina okusisinkanibwa. Ebyo byonna ssisobola kubikola. Era mbawaayo eri Katonda, ne nteeka emikono gyange ku bupapula obwo, ne nsaba. Ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, ssi—ssisobola kukikola. Genda gye bali, ayi Mukama, okole . . . Ggwe omanyi engeri y'okukikolamu. Mbasabira buli omu."

222 Billy yampita. Nnali nnaakakomawo n'Ow'oluganda Banks. N'aŋŋamba nti, "Taata, bw'oba . . . "

223 Kaakati, mulabeeyo, oluusi ŋŋenda ne ndaba abantu nga bavuga bayitawo, ku luguudo, ne batunula eno. Ne mbatunuulira, ne mbawuubirako bwe *ntyo,* ne—ne babula okukyusa emitwe gyabwe. Bambi ekyo ssaagala mukikole.

224 Luli bwe baali bangulira ekifo kiri e Tucson eky'okubeeramu, Ow'oluganda Tony ekifo yalina engulu eri kye yali ayagala okungulira, ekyali kikubisaamu ssente ezaagula kino emirundi nga esatu oba ena. Yali ayagala aweeyo enkumi n'enkumi za ddoola eziwerera ddala, nga ye. Naye nga engeri yokka gy'osobola okuyingirayo, waliwo omukuumi ayimirira wabweru awo. Kifo kinene . . . Weewaawo, ekyo nakyo kyongereza ku kifo ekyo. Naye omuntu yenna . . . Abantu bano ababeerayo, olina okuba n'olukusa oluwandiike, olwo omukuumi ono n'akukubira essimu okulaba oba nga asobola okukkiriza omuntu oyo ayingire.

225 Ne ŋŋamba nti, "Osobola okukubamu akafaananyi, nga nze, baganda bange ne bannyinaze abajja okundaba, abaagala okunkwatako mu ngalo bansabire emikisa gya Katonda, osobola okukubamu akafaananyi nga nneetadde munda eyo, Tony?"

Kko ye nti, "Naye, olina . . . "

226 Ne mmugamba nti, "Tony, engeri ekkanisa n'abalala bonna gye baagaana abantu okujja," ne mmugamba nti, "ekyo kya bantu abalina ebintu ebya buli ngeri bye baagala nkole."

227 Abo, bagamba nti, "Naye, nze Mukama yaŋŋambye. Aleruuya! Ŋŋenda kusigala wano wennyini. Ekitiibwa kibe eri Katonda! Mukama yaŋŋambye nti olina okukola olukuŋŋaana

wano mu kibiina kyaffe. Yee, ssebo, ekitiibwa kibe eri Katonda! Nze ekyo Katonda kye yaŋŋambye. Bw'otookikole, Ow'oluganda Branham, ddala ojja kuba wagwa." Nga ndi omwo ngezaako okubaako ne bye nsoma, okiraba. Ekyo y'ensonga lwaki baakikola, okiraba. Naye abantu bangi abalungi bakugirwa okujja, okuyingira, olw'ekyo.

228 Kiringa omusajja bw'agenda okuyigga emmanga wano ku faamu. Omulimi n'amugamba nti, "Yingira. Osobola okuyigga." Naye bw'oyingirayo, n'obaako emu ku nte ze gy'okuba; akamyu ne kaddukira wansi w'ente, naye era, n'oyagala okalase. N'owalampa olukomera, mu kifo ky'okugenda n'oyita ku ka ggeeti nga omuntu ow'empisa ennungi bw'alina okukola; n'owalampa olukomera n'olumenya bw'otyo. Mukiraba? N'ava awo n'agamba nti, "Ekifo ŋŋenda kukiggala!" Si—simunenya n'akatono, yadde. Naye, mu ekyo akola ki? Aggalirayo omuyizzi ow'empisa n'aba nga tasobola kuyingira. Bulijjo bwe kityo bwe kibeera. Ekibi ky'ekiremesa ekirungi okufuna omwagaanya. Bulijjo bwe kiri.

229 Kati, naye abantu abo, enkumi n'enkumi ddala balina obwetaavu era bantu balungi, abalina okwagala, abajjudde ekisa kya Katonda.

230 Kati tulina kino, eky'engeri abantu bano gye bajjamu bwe batyo. Ekyo tetukyagala, nedda, tetukyagala.

Naye ono yajja...

231 Billy yaŋŋamba nti, "Jangu bunnambiro, taata." N'agamba nti, "Muky. Waldrop alina abantu b'ali nabo wano abafa; oteekwa okubalaba amangu ddala." Ne nnyingira emmotoka; ne nzija wano.

232 Bwe nnakomawo, ne baŋŋamba nti, "Wano tewaliiwo muntu mulala yenna okuggyako wali eri waliwo omusajja eyeebakira ku ludda olumu, ku katto buli lunaku, emabega w'ekizimbe." Agamba nti, "Ayagala omusabire."

Ne ŋŋamba nti, "Kale." N'agamba nti, "Ŋŋenda kumuyingiza." Ne nnyingira munda.

233 Waaliwo, ndowooza, emmotoka ekika kya Cadillac eyali esimbye emabega, oba emu ku mmotoka zino ez'ebbeeyi. Ne nnyingira munda, yali...Omusajja oyo n'ambuuza nti, "Oli otya." Yali tammanyi.

234 Ne nnyingira munda. Ne Mwannyinaffe Waldrop, mukazi wattu, n'ayingira. Nga bwe mumanyi, yali...

235 Mumanyi ebibye bwe byali, si bwe kiri? Mulaba, yalina kookolo; n'afiira mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa, essaawa nga emu nga ssinnamutuukako. Omusawo we n'ajja, n'alaga... Ekyo kyaliwo emyaka nga kkumi na munaana egiyise, kookolo w'omutima, mukiraba, naye waali mulamu leero. Era kati abeera mmanga mu Arkansas.

236 Mu kiseera kiri, yali abeera mu Phoenix. Era yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Willie, mbadde ssaagalira ddala kuyingira bwenti, naye," n'agamba nti, "mbadde ssirina kifo wa kubeera. Baakola . . . Baagambye nti om- . . . omukazi ono agenda kufa. O, Ow'oluganda Willie!"

237 N'agamba nti, "Nnabadde njagala kubaako ekiweebwayo ekitonotono kye nkuleetera mu ngalo zange, Ow'oluganda Willie," n'agamba nti, "naye ssaasobodde kukikola. Wabula nnazzeeyo n'enkenene mu mikebe."

238 O, bwe nnayambuka waggulu ne ndaba emikebe gy'enkenene ezo gye yali atudde nagyo awo, na . . . zaalabika nga ntukuvu nnyo nze okuzirya. Mukiraba? Bambi mukazi wattu oyo omukadde, ow'emyaka nga nsanvu. Ne mmugamba nti, "Mwannyinaffe Hattie . . . " Nnali ssi—ssisobola kumugamba nti nedda. Nedda. Yesu yalaba nnamwandu oli nga awaayo ennusu ssatu, naye n'A—n'A—n'Amuleka. Mukiraba? Nedda. Katonda alikimuweera empeera. Weewaawo.

239 Kale bw'atyo omukazi oyo Mukama yamuwonya, n'amuwonya buli kimu kyonna kye yalina, n'abikkulira omusumba we kye, omukazi kye, manya omusumba kye yalina mu birowoozo bye, ekirala. Era, ha, bonna ne bafuluma, nga bwe baleekaana.

240 Awo Billy n'ayingira nga adduka. N'aŋŋamba nti, "Taata, omusajja oli agenze. Ssisobola . . . "

Ne mmubuuza nti, "Oyo ani ali awo mu mmotoka?"

241 "Ha," n'agamba nti, "waliwo omusajja eyazze nga ava mu Oregon, nga agamba nti alina ekirooto kye yaloota. Naye nnamugambye nti, 'Saagala kukuwa ssuubi lya bulimba. We njogerera wano waliwo abantu ebikumi bisatu, abalindiridde.'" N'agamba nti, "Nnamugambye nti, 'Ekirooto kyo kiwandiike buwandiisi.' Ne mmugamba nti, 'Nnina wano entuumu yaabyo, bijjudde, bikoma *eri*, n'ekikyo nja kukyongerako.'"

Ne mmugamba nti, "Mukkirize ayingire. Muweeyo eddakiika ttaano."

242 Naye, omusajja olwali okuyingira ati, eddakiika ttaano zokka? Yagamba nti, "Ye nze Levirandi Walker," ndowooza lye lyali erinnya lye, "nviira mu Oregon." Ndowooza ava mu kimu ku bibiina by'amadiini, simanyi, ndowooza yali Mupulesibeteriyani, oba ekibiina bwe kityo eby'Abapulesibeteriyani.

243 N'aŋŋamba nti, "Nnakusisinkana emyaka nga amakumi abiri egiyise. Nnajja emmanga mu Grants Pass gye wali . . . " Si Grants Pass, naye erinnya ly'ekifo ekyo ndyerabidde. "Eyo," n'agamba nti, "ekitundu kyonna, emitwe gy'amawulire gyali gikuwandiikako buli ku makya." N'agamba nti, "Buli muntu yakimanyaako." N'agamba nti, "Ssaasobola kutuuka mu

kizimbe mwe wali, naye nnakulengera nga oyambuka waggulu. Era lumu, mba ndi ku luguudo nnajja we wali," n'agamba nti, "waaliwo abasajja nga bana oba bataano abaali bakwetoolodde, ne nkukwatako mu ngalo. Naawe n'o...Nnakugamba nti ye nze Ow'oluganda Walker naawe n'ombuulira erinnya lyo." N'agamba nti, "Twayogerayo ebigambo ebitonotono, olwo abasajja nga basatu oba bana abanene abaali naawe ne bakujjawo ne bakwongerayo." N'agamba nti, "Nnali sikukolokota, ate nnali ssikkiriziganya naawe." N'agamba nti, "Waaliwo kye nnali sitegeera."

244 N'agamba nti, "Kyagenda mu maaso bwe kityo okumala emyaka emitonotono, era bwe waayitawo akaseera," n'agamba nti, "Na . . . waliwo omusajja eyaŋŋamba okujja mbeeko entambi ze mpuliriza, emyaka nga esatu egiyise." N'agamba nti, "Omusajja yazannya entambi. Era, bwe yakikola," n'agamba nti, "Nnamuwulira nga ayogera." N'agamba nti, "Omusajja ono yali akkiriza nti oli—nnabbi. Kye nnava mmugamba, nti, 'Ebintu ebyo ssirina kye mbimanyiiko; kyandiba nga bwe kiri, okusinziira nga nze bwe mmanyi.'"

245 Kati, kye yava agamba nti, "Okuva awo waaliwo omusajja omulala eyajja mu kibuga kyaffe, eyalina olukuŋŋaana, era nnamusisinkana. N'agamba nti, 'Ye nze nnabbi wa Katonda ow'ekiseera kino.'"

246 Kye yava ambuuza nti, "'Naye kaakati, basajja mmwe muli bameka?' N'agamba nti, 'Mpu—mpu—mpulira mbu wano waliwo omusajja omu awuliriza entambi, agamba mbu, "William Branham, okuva eri mu buvanjuba, ye nnabbi w'ekiseera kino," n'ebintu bwe bityo.'"

247 N'agamba nti, "Omusajja ono..." Ssigenda kwogera linnya lye, kubanga tekiwulikika bulungi, mukiraba. "Naye yagamba nti, 'William Branham mmumanyi,' n'agamba nti, 'naye Enjigiriza ye yonna ya bulimba.' N'agamba nti, 'Si Mupentekoote; takkiririza mu bukakafu obusookerwako.' N'agamba nti, 'N'ekirala, agamba mbu waliyo bannabbi abakulu n'abatono. Teriiyo kintu nga ekyo.' N'agamba nti, 'Ku bibiri obeera nnabbi oba si nnabbi, tewali kirala.'"

248 N'agamba nti, "'Kaakati, ssebo, nze . . . ssinnawakana naawe ku nsonga eyo. Nkugambye kimu nti nnawulira omusajja ono agamba nti omusajja ono, William Branham . . . era nti omusajja ono yali amuyita nnabbi.'" N'agamba nti, "'Nze kye nneebuuza kiri kimu kyokka bali bameka.'"

249 "Omusajja n'amugamba nti, 'Naye kino njagala okitegeere. Ye nze nnabbi w'omulembe guno.'"

250 Kko ye nti, "'Kale, ye ggwe?'" N'amugamba nti, "'Mukama akuwe omukisa era abeere naawe.'"

251 N'akivaako, teyaddamu kukissaako mwoyo. Era agamba nti n'atandika, mu baganda be, enkuŋŋaana nga ssatu oba

nnya ez'omuddiriŋŋanwa. N'agenda ku posita, n'abagamba nti, "Temu—temukyusa mabaluwa gange. Mugaleke wano okutuusa lwe nnaakomawo, nga wayiseewo ennaku nga nnya oba ttaano."

252 Ne bagamba nti, "Kale." Ne babaako akatikiti ke baawanika waggulu awo, akagamba obutagakyusa.

N'abaako gye yagenda n'alaba muwala we.

253 Naye aba avaayo, n'abaako ekkanisa emu gye—gye yakyama. Olukuŋŋaana lw'akawungeezi ako n'asabira eyo. Amakya agaddako, agamba nti ekirowoozo ne kimujjira nga kigamba nti, "Genda osabe posita ekutuuseeko ebbaluwa zo wonna w'oyagala bazikusanze." Era bwe yagendayo, ebbaluwa emu yali evudde mu posita n'egenda ewa muwala we; muwala we n'agimusindikira gye yali, n'agimutuusaako.

254 N'agisumulula. N'agamba nti yali musajja, Mw. Hildebrandt, mukwano gwange, nga ye musajja oli eyazannyanga entambi. N'agamba nti Mw. Hildebrandt yali afunye obubaka okuva ewa Roy Borders (kati mukimanyi bulungi, nti oyo y'omu ku ba maneja), nti nnali ŋŋenda kubeera n'olukuŋŋaana wano, okuva nga abiri mu munaana okutuukira ddala nga lumu, nga amugamba akomewo yeerabireko ye kennyini.

255 N'agamba nti, "Kaakati, labayo, bano abasajja bagezaako kunsika kuntwala mu kintu bwe kityo!" Mukiraba? N'akwata ebbaluwa n'agisuula mu kasero ka kasasiro, ne yeeyongerayo, mukiraba, bw'atyo. N'ayingira munda n'abeera n'olukuŋŋaana olwo ku olwo akawungeezi. Era amakya agaddako . . .

256 Kye yava akwata ku mutima gwe, n'atulika n'akaaba, awo wennyini mu kisenge.

257 N'aŋŋamba nti, "Mw. Branham, nkimanyi bulungi nti nnina okuyimirira mu maaso ga Katonda." N'agamba nti, "Ssimanyi oba nnali nneebase oba kiki ekyabaawo." N'agamba nti, "Nnaloota. Leka ŋŋambe nti nnali nneebase ne ndoota."

258 N'agamba nti, "Nnalowooza nti mutabani wange, mu katale, yasonseka omukono gwe mu—mu kkutiya." N'agamba nti, "Bwe yakikola, yali kkutiya ya Apo, naye zonna ne ziyiika." N'agamba nti, "Bwe nnagenda okuzironda, zonna zaali apo za kiragala nga buli emu erumiddwako." N'agamba nti, "Nnali nzironda, nga bwe nzizza mu kkutiya." N'agamba nti, "Ezimu zaavaamu ne ziyiringita, bwentyo ne ŋŋenda ngezeeko okuziggyayo, wansi . . . mu muddo." N'agamba nti, "Zaayiringita ne zigenda wansi w'olumu ku nkomera zino eza sseŋŋenge. Era munda omwo mwalimu oluguudo olunene ddala olwali luyitamu. Nnatunula ebuvanjuba, ne," n'agamba nti, "o—o—olujegere lwali lunywezeddwa ku—ku lwazi olunene eri mu buvanjuba. Ne ŋŋendayo, nga mu nze ŋŋamba nti ŋŋenda kussa wansi olujegere luno, nnyingire munda nzigireyo omusajja apo ze." N'agamba nti, "Ne ntandika okussa wansi olujegere."

259 N’agamba nti, “Eddoboozi ne likankanya ensi yonna.” N’agamba nti, “Ensi n’ekankana, wansi w’ebigere byange.” N’agamba nti, “Bwe yalekera awo okukankana, ne mpulira eddoboozi.” N’agamba nti, “Ow’oluganda Branham, lyali ddoboozi lyo,” n’agamba nti, “nnakitegeera; nga eddoboozi eryo waliwo ekyalyogera.” N’agamba—n’agamba nti, “Lyagamba nti, ‘Nate ndiddamu ne mpita mu kisinde kino!’”

260 N’agamba nti, “Nnayimusa amaaso ne ntandika okutunuulira olwazi, bwe *nti*, ne ndwekaliriza, okusukka ebire. Era waggulu ddala eri ku lwazi, waaliyo ekintu ekyali ekigazi okuva ebuvanjuba okutuuka ebugwanjuba, mu nkula nga ey’akasongezo bwe *kityo*, nga piramiidi, nga kituukira ddala wano mu buvanjuba, era,” n’agamba nti, “wali waggulu eyo nga oyimiridde, nga oli ku mbalaasi gye ssirabangako kintu kyonna kigifaanana mu bulamu bwange; embalaasi ennene enjeru, nga erina ebyoya ebyeru ebireebeetera mu bulago.” N’agamba nti, “Wali oyambadde nga omukulu w’Abayindi bannansangwa, n’ebintu byonna Abayindi bannansangwa bye bakozesa.” N’agamba nti, “Yalina eky’omu kifuba; n’ebikomo ebyo ku mikono, nga bigyetoolodde yonna.” N’aŋŋamba nti, “Wali oyimusizza waggulu mikono *bw’otyo*.” N’aŋŋamba nti “Embalaasi eyo yali eyimiridde awo nga embalaasi ezirwana mu lutalo, nga esitudde amagulu g’omu maaso *bw’eti*, nga etambula,” nga nze nnyimiridde sseenyeenya. N’agamba nti, “N’osika emiguwa gy’embalaasi n’ogisimbula n’oyolekera ebugwanjuba.”

261 N’agamba nti, “Nnatunula eky’emmanga eri, nga wajjuddewo bannassaayansi abayitirivu.” Era amakya agaddako. . .Olwo lwali Lwamukaaga. Amakya agaddako, nnabuulira ku bannassaayansi, nga bwe mumanyi, ne ŋŋamba nti ba ssetaani. N’agamba nti, “Bannassaayansi baali bayiwa ebintu mu bu tyubu, nga bwe babitabulatabula.” N’agamba nti, “Wayimiriza embalaasi, n’oddamu n’oyimusa waggulu emikono gyo n’oleekaana n’ogamba nti, ‘Ndiddamu ne mpita mu kisinde kino omulundi omulala gumu!’” N’agamba nti, “Ensi yonna n’ekankana. Abantu abo ne bakankana,” n’agamba nti, “ne batunula waggulu ne batunuuliragana, bwe *batyo*, ne bakutunuulira. Naye baanyeenya bunyeenya bibegaabega byabwe ne bagenda mu maaso n’okunoonyereza kwabwe okw’ekinnassaayansi.” N’agamba nti, “N’osimbula okwolekera ebugwanjuba.

262 “Era ekyo bwe kyabaawo,” n’agamba nti, “ne ndaba omusajja ono eyali yeeyita nnabbi, nga bw’omanyi,” n’agamba nti, “yajjira ku mbalaasi eyali eya langi enjeru n’enzirugavu nga zitabikiddwa wamu.” N’agamba nti, “Ne yeebagala embalaasi eno ennene.” N’agamba nti, “Kyali,” n’agamba nti “waggulu ddala eri okusukka ebire, nga n’oluguudo ssi lunene kwenkana *awo*.” N’agamba nti, “Embalaasi eyo yali ezina buzinyi, nga

empewo bw'efuuwa ebyoya n'ebirala ebyali ku—ku kyambalo kyo," n'agamba nti, "nga n'ebyoya by'embalaasi eby'omubulago n'omukira bwe byewuuba. Embalaasi enkugu, ennene enjeru, nga etambula butereevu mu lunyiriri." N'agamba—n'agamba nti, "Omusajja ono yajja akuvaako emabega, nga ava eyo nga mu Canada," ate omusajja oyo abeera Canada. N'agamba nti, "N'akomawo, era," n'agamba nti, "n'akwata embalaasi ye entono, n'agezaako okutomera embalaasi yo ennene edde ebbali; nga bw'agikyusa; bw'aleetera amakugunyu gaayo okukuba. . . " N'agamba nti, "Naye ekyo tekyanyeenya mbalaasi eri ennene; yasigala etambula."

263 N'agamba nti, "Naye, amangu ago," n'agamba nti, "wakyuka." N'agamba nti, "Ogwo gwe gwalina okuba omulundi ogw'okusatu gwe wayogera, naye omulundi ogw'okubiri wagamba nti 'Nja kuyita.'" N'agamba nti, "Tewayogera nga bwe wayogera mu kusooka. Wabula walagira." N'agamba nti, "Wakyuka n'oyita omusajja erinnya lye, n'omugamba nti, 'Vva wano! Okimanyi nti tewali muntu yenna asobola kuvugira ku luguudo luno wano nga Katonda teyakimwawulira kukikola. Vva wano!'"

264 N'agamba nti, "Omusajja n'akyuka." N'agamba nti, "Omusajja ampandiikidde amabaluwa." N'agamba nti, "Ku makugunyu g'embalaasi ye," agaali aga langi enzirugavu n'eya kikuusikuusi, nga zigattiddwa wamu, n'agamba nti, "ku makugunyu g'embalaasi ye kwali kuwandiikiddwaako erinnya lye, n'omukono gwe ddala nga bwe biri ku bbaluwa ye. Era yavuga agenda mu bukiika kkono."

265 N'agamba nti, "Ate ggwe ne weeyongerayo; embalaasi eyo ennene n'ekyuka, n'efubutuka emisinde nga bw'egenda mu bugwanjuba." N'agamba nti, "N'oyimirira n'oyimusa emikono gyo waggulu *bw'otyo*." N'atandika okukaaba. N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, okulaba embalaasi eyo nga eyimiridde awo; nga oyambadde enkofiira eyo eraga nti ossibwamu ekitiibwa n'ebirala bwe bityo, ne," n'agamba nti, "n'eky'omu kifuba nga byonna bitemagana." N'agamba nti, "Wayimusa waggulu emikono gyo okumala akaseera." N'agamba nti, "Nate waddamu n'otunula wansi, n'okwata emiguwa gy'embalaasi n'ogamba nti, 'Nate ndiddamu ne mpita mu kisinde kino!'" N'agamba nti, "Ensi yonna n'ekankana nga bw'eyuuzibwa eno n'eri, *bw'etyo*." N'agamba nti, "Nnali sikyalimu bulamu; nnagwa bugwi wansi ku mabbali g'olwazi. Oluvannyuma ne nzuukuka."

N'ambuuza nti, "Ekyo kitegeeza ki, ssebo?"

Ne mmugamba nti, "Ssimanyi."

266 Amakya agaddako. . . Junior Jackson, eyaloota ku piramiidi, nga bwe mumanyi, nga bwe nnagenda ebugwanjuba. Ekyo mukijjukira? Yankubira essimu, omwezi nga gumu oba ebiri nga ekyo tekinnabaawo. Yalina ekirooto ekyali kimwokya nga

ayagala okukiŋŋamba; nga alina okukiŋŋamba. Kye nnava ŋŋamba nti, “Billy . . . ”

267 Waaliwo abantu nga amakumi abiri abaali bayimiridde wabweru awo. N’aŋŋamba nti, “Junior Jackson, okuva emmanga eri, yagambye nti alina okukubuulira ekirooto ekyo.”

Ne mmugamba nti, “Mukkirize ayingire, mu ddakiika nga ttaano zokka.”

268 Yajja ne mukyala we, ne, yagamba nti, abeere omujulirwa. N’aŋŋamba nti, “Nnaloota, Ow’oluganda Branham, nga nze ne mukyala wange tulina gye tuli tuvuga mbalaasi.” N’agamba nti, “Nnakyuka ne ntunula emabega mu buvanjuba, ne ndaba, ekintu, ekyalabika nga, ebimu ku byombo ebyo ebibuukira mu bbanga.”

269 Mukiraba, ebintu ebyo ensi temanyi kye biri, ekyo mukimanyi. Mukimanyi nti weebiri. Naye ffe tumanyi kye biri. Mukiraba? Tukimanyi nti abo Bamalayika ab’omusango, be bali mu kunoonyereza, mukiraba. N’engeri ku Pentagon n’awalala, bwe boogera ku ngeri gye bikka wansi; n’amagezi ge bikozesa, engeri gye bisobola okuyitawo nga ekimyanso ne bibulawo, ne bisika ekintu kyonna kye biba bisise ne bikitwala. [Ow’oluganda Branham akuba entoli n’engalo ze—Omuk.] Mukiraba, tebategeera kye bitegeeza, mukiraba. Mubaleke balowooze kyonna kye baagala okulowooza. Bo babiyita byombo ebibuukira mu bbanga oba kyonna kye babiyita. Mukiraba, tebamanyi kye biri.

270 N’agamba nti, “Era nnakiraba nga kijja, ne nkyetegereza. Naye kye kyali, yali musajja eyeebagadde embalaasi.” N’agamba nti, “Yali ajjira ku misinde gya kimyanso.” N’agamba nti, “Nnalaba nga eyali ajja mu maaso gange. Ne nnyimiriza emmotoka yange, ne ngibuukamu. Bwe kyakka,” n’agamba nti, “emmotoka . . . waaliwo embalaasi yali eyimiridde mu luguudo, embalaasi ennene ey’amaanyi enjeru ennwanyi nga esitudde amagulu g’omu maaso.” Weewaawo, ekyo kye Kigambo, ekyo mukimanyi nga esitudde amagulu g’omu maaso.

271 N’agamba nti, “Kwaliko omusajja eyali agituddeko.” N’agamba nti, “Ya—yali ayambadde ekyambalo ky’abantu b’ebugwanjuba; teyali mulaalo, naye,” n’agamba nti, “yalabika nga omukulu w’abalunzi oba ekintu bwe kityo.” Mukiraba, obuyinza bwe bwonna nga omukulu, okuva ebugwanjuba; Abayindi bannansangwa nga y’akulira Abayindi bannansangwa; akulira abalunzi, mukiraba. N’agamba nti, “Omusajja yali ayambadde enkoofiira ye nga emubisse mu maaso, era yalina . . . yali atunudde erudda.” N’agamba nti, “Bwe yakyuka erudda,” n’agamba nti, “yali ggwe, Ow’oluganda Branham.” N’agamba nti, “Wali toyogerangako nga bwe wayogera ku olwo. Wagamba nti, ‘Junior!’” Nnamuyita emirundi esatu. “N’omugamba nti, ‘Ŋŋenda kukubuulira

eky'okukola.'" N'agamba nti, "Bwe wava awo n'osika emiguwa gy'embalaasi eno. Wakwata emiguwa nga esatu, n'oyolekera mu bire, n'obulirayo ku ludda olw'ebugwanjuba."

272 N'agamba nti, "Mu kaseera katono, ŋŋenda okwetoolooza amaaso, ne wajja embalaasi entonoko okusinga ku eri, nga ya lulyo lwe lumu, wabula nga yo ntono ku eri, n'eyimirira." N'agamba nti, "Ne ntambulatambula awo, ne ŋŋamba nti, 'Ateekwa okuba nga eno agimpeerezza entwale.'" N'agamba nti, "Ne ngirinnya." (Ne Junior, naye yali avuze ku mbalaasi. N'agamba nti, "Amatandiiko go okimanyi bulungi nga ggwe agagyaako, Ow'oluganda Branham, n'ebituulamu amagulu n'ebirala?") N'agamba nti, "Nnalowoozaamu nti, 'Naye, gano ngagyaako bulungi ddala.' Kye nnava nsika emiguwa, ne njolekera mu bwengula." N'agamba nti, "Ne nsika emiguwa ne ngiyimiriza, ne ngikyusa ne tuddayo. Mukiraba? Bwe nnaddayo," n'agamba nti, "nnayimiriza embalaasi, ne ngivaako, ne njogera ne mukyala wange. Nga embalaasi tekyaliwo." Naye n'a. . .?. . .

273 Ate, okwosa jjo, manya ennaku ssatu eziyise, ne wajja Leo Mercier, n'ajja n'ekirooto kye kimu kyennyini, nga talina ky'akimanyiiko yadde; ekyali kikwata ku kugezaako okugattika olulyo lw'embalaasi ennene enjeru ennume n'enkazi enzirugavu, naye kyabalema okukola; nga atidde. Yagamba nti nnagendayo, ne mmuyita nti, "'Leo,'" ne mmugamba kye nnakola. Saagala kukyogera wano, mukiraba, naye nnamugamba kye nnakola. "Nnamugamba nti, 'Tokiraba? Kati, kino okusobola okukitegeera; nnali sikimanyi nti Ed Daulton alina omukoddomi, era mukoddomi we oyo yalina embwa eyali eyitibwa erinnya lino. Ojja kukimanya, Leo, nti oloota. Naye, bw'ozuukuka, kijjukire!'" N'agamba nti, "Nnali ssiwuliranga ku kiragiro bwe kityo."

274 Mu kaseera ako, Roy Roberson n'ajja, n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, ojjukira edda eri bwe wali tonnasimbula kuva ku kkanisa omulundi ogwasooka? Twali. . . Nnakulaba nga otudde, nga olinga ali mu Palesitayini. Fenna twali, ab'akakiiko n'abalala bonna, twali tutudde nga abali ku mmeeza y'eky'eggulo kya Mukama waffe, n'oyogera. Naye ggwe. . .Yali takakasa kye wali oyogerako." N'agamba nti, "Ekire ekyeru kyakka wansi ne kikusitula, ne kikutwala." Bameka abajjukira e—ekirooto ky'Ow'oluganda Roy? N'agamba nti, "Ekire ekyeru kyakusitula ne kikutwala," n'agamba nti, "era n'ogenda. Ne ntambula mu nguudo, nga bwe ndeekaana n'okukaaba."

275 Bwe nnajja wano, omuvubuka oyo eyalina omukono omulema, nga bwe yali, yali asoma bino. N'asuula wansi akawalula omuddo n'atandika okukaaba bwe yandaba nga nzija. Nnali sinnamulaba kumbuulira kirooto ekyo. Kye yava

aŋŋamba. . . Era yali awalula muddo nga agukuŋŋaanya wamu. Ne mmugamba. . .

276 "Era—era wabulawo n'ogenda." N'agamba nti, "Ne ntambula ku nguudo, buli wamu, nga ngezaako okukunoonya. Naye nga ssikulabako, wantu wonna. Ne ndeekaana ne ŋŋamba nti, 'O, Ow'oluganda Branham, togenda!'" N'agamba nti, "Ekire ekyeru kyajja ne kikusitula, ne kikujja we twali, ne kikutwala mu bugwanjuba." Ekyo kyaliwo nga ebya piramiidi oba ebirala byonna tebinnabaawo. N'agamba nti, "Kyakusitula ne kikutwala okwolekera ebugwanjuba. Ne nkaaba, ne ntambula ku nguudo."

277 N'agamba nti, "Bwe waayitawo akaseera ne ŋŋenda ne ntuula ku mmeeza. Ne nneesanga nga ntunudde awo awatuula omukulu ku mmeeza ey'abangi." N'agamba nti, "Nga nkulengerako kitundu *kino*, nga olinga omuzira omweru." N'agamba nti, "Wali oyimiridde awo." N'agamba nti, "Wayogera n'obuyinza. Tewaaliwo kuwannaanya mu bye wayogera." N'agamba nti, "Buli muntu yategeera bulungi bye wayogera."

278 O, muganda wange, mwannyinaze, kaakati, buli omu ku mmwe akimanyi bulungi, nti ekyo mmanyi kye kitegeeza. Mukiraba?

279 Beera bubeezi bulindaala! Sigala nga osemberedde Kristo. Kaakati leka nkulabule, nga omuweereza w'Enjiri, ku kino. Tobaako busirusiru bwonna bw'otwala. Tobaako kintu kyonna ky'oteebereza. Sigala awo wennyini okutuusa nga omuntu ono ali munda w'omuntu ow'omunda anywezeddwa ku Kigambo, nti oli munda mu Kristo mwennyini, kubanga ekyo ky'ekintu kyokka ekigenda oku. . . Kubanga, tuli mu mulembe ogusingayo okulimba gwe twali tubaddemu. "Balirimba n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka," kubanga balina amafuta, basobola okukola ekintu kyonna nga abalala bonna.

280 Mulongoose obulamu bwammwe. Musasule amabanja gammwe. "Temubeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna," Yesu bwe yagamba. Kaakati, kati, ntegeeza, nga ebisale byo eby'ennyumba gy'opangisa n'ebirala, olina okubisasula. Weggyeeko ebintu byonna ebikubanjibwa. Buli kimu kitereeze. Weeteeketeeke. Weetegeke. Mujjukire nti, mu Linnya lya Mukama waffe, waliwo ekinaatera okubaawo.

281 Wiiki eno ŋŋenda waggulu mu busozi, si nti ekintwalayo kuyigga bukaamuje; weewaawo, njagala nnyo okuyigga bukaamuje. Naye ŋŋenda waggulu eyo lwa kigendererwa kino, nga ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, simanyi kkubo ki lya kukwata, na kino ssaagala kukisubwa. Nnyamba."

282 Munsabire. Munaakikola? Nange nja kuba mbasabira. Nsuubira nti, olw'okusaasira kwa Katonda, nti ndibasisinkana buli omu ku mmwe, era nti tulisisinkana mu Nsi esinga ku eno obulungi.

283 Naye kati kiki ekituleeta wano? Tukola ki? Tujja wano, kuzannya muzannyo? Tujja wano, kusisinkana nga kibiina kya bwegassi? Kiri nti, Kristo tasobola kujja okutuusa nga Ekkanisa eyo etuukiridde. Alinze ffe. Nzikiriza tuli ku nkomerero.

284 Mulabe, ekiri mu California. Mulabe obwegugungo. Mulabe abantu ekkumi n'omwenda abattibwa, olw'obusosoze mu langi. Ssaabagamba, wano ebbanga ssi ddene eriyise, nti Martin Luther King oyo yali agenda kukulemberamu abantu be batirimbulwe? Ekyo bameka abakijjukira? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Obuzibu tebuli ku bantu abo abaddugavu; obuzibu buli ku bakulembeze abo ababakumamu omuliro. Ensonga teri ku butasosolebwa, oba kusosolebwa, oba kyonna kye baagala okukiyita; oyo ssetaani. Bwe kiri. Tekiri ku beeru bokka, oba ku baddugavu; naye kiri mu bonna. Oyo ssetaani.

285 Entegeera y'obwongo bw'abantu n'okukubaganya ebirowoozo tebikyakola. Tewakyali ssuubi. Tewakyali ssuubi yadde. Obwongo bwonna bbwa erijjudde ebiwundu. Entegeera y'obwongo bw'omuntu; tekyasobola kukola kusalawo.

286 Ssiri munnabyabufuzi. Siri muwagizi wa kibiina kya ba Democrat wadde ekya ba Republican. Bonna boonoonefu. Ndi wa Bwakabaka bumu bwokka, era nga obwo bwe Bwakabaka bwa Yesu Kristo. Kye kyokka. Naye ddala twajja tutya okuba n'abantu abakozesebwa obukozesebwa nga obugologoosi nga be tulina mu bibiina kati, nga abo abava mu Texas be tulina mu ssetteeserezo? "Weewaawo," bagamba mbu, "kyonna abantu kye baagala! Bwe baba baagala bwannaakalyak'ani, tujja kubawa obwannaakalyak'ani. Bwe baba baagala butasosolebwa, tujja kubawa obutasosolebwa. Bwe baba baagala kusosolagana, kyonna kye baagala kye tunaabawa." Ki. . . Abasajja bali ludda wa?

287 Ai Katonda! N'ekituuti bwe kityo bwe kiri. Abasajja bali wa, abasajja bennyini, abalina ennono kwe bayimiridde? Abakazi baluwa abalina ennono kwe bayimiridde? Ekkanisa eruwa erina ennono kw'eyimiridde? Sirina budde wadde obw'ennusu ettaano bwe nnyinza kwonoonera ku mwoyo gutalina nkizi, ogumala gakkiriza buli kimu, ogwekkiriranya. Omukazi bw'aba nga mukazi, leka abeere mukyala. Omusajja bw'aba nga musajja, leka abeere musajja.

288 Bw'aba pulezidenti . . . Baliwa ba John Quincy Adams baffe? Baliwa ba Abraham Lincoln baffe, abasajja abaayimirira ku nnono? Aliwa Patrick Henry waffe, agamba nti, "Mpa eddembe oba si ekyo mpa okufa"?

289 Aliwa omusajja oyo ayimirira ku lw'ekituufu? Ali wa omusajja oyo atatya kwogera mazima? Ssi nsonga, ensi yonna ne bw'emulwanyisa, asigala ayogera ekyo ekituufu; era n'ayimirira ku lwakyo era n'akifiirira. Aliwa Arnold von Winkelried

waffe omulala leero? Baliwa abasajja ab'ensa? Baliwa abasajja abalina omwoyo omumalirivu? Bonna bali awo ba lugoojaamye era beekomomma ne batuuka okuba nga tebamanyi na we bayimiridde.

290 Ayi Katonda, nnyamba nnyimirire n'ennono ez'Omusajja omu, nga omuweereza, nga ky'Ekigambo kya Yesu Kristo. "Kubanga eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Kyo tekiriremererwa. Ku lwazi luno kwe Ndizimba Ekkanisa Yange; n'emiryango gy'emagombe tegirigiyinza."

Leka tuyimirire.

Kiweebwe omukisa ekisiba ekyo ekisiba awamu
Emitima gyaffe mu kwagala okw'Ekikristaayo;
Okussa ekimu okw'abantu ab'endowooza emu
Kulinga kuli okwa Waggulu.

Kaakati mugatte wamu emikono gyammwe buli omu ne munne.

Bwe twawukana,
Kituleetera obulumi munda;
Naye tujja kusigala nga tuli bumu mu mutima,
Nga tulina essuubi okuddamu okusisinkana.

Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
Okutuusa lwe tulisisinkanira ku bigere bya Yesu;
Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
Katonda abeere naawe okutuusa lwe tuliddamu okusisinkana!

291 Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe, nga Ow'oluganda Neville bw'atusiibula, mu kusaba.

292 Kaakati, mukomeewo akawungeezi ka leero. Tusuubira okuba n'olukuŋŋaana olulungi ddala akawungeezi ka leero, wano mu kkuŋŋaaniro. Katonda abawe omukisa. Era munsabire; nange nja kubasabira.

293 Temulowooza nti ndi muzoole, ab'emikwano. Temulowooza nti nnina kye ngezaako okubakakaatikako. Mbaagala. Era nnina ennono kwe nnyimiridde, nga ye Bayibuli. Tewali Kigambo n'ekimu kiyinza kugitoolebwako. Tewali kigambo n'ekimu kiyinza kugyongerwako. Era ngikkiriza nga bwe Yawandiikibwa.

294 Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe, olwo omusumba waffe omwesigwa, omulungi asiibule ekibiina. Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Neville.

65-0815 So Tokimanyi
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2026 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org